




Gender Transformation & Empowerment

## OKUMANYA EDDEMBE LYO KIKUWA OBUKUUMI

Akatabo akakwaata ku kutegeera Eddembe ly'Abakyala



Kafulumizibwa abekitongole kya Uganda Women's Network: December 2011



## Okusiima

Omulumu gw'okufulumya akatabo kano akakwaata ku ddembe ly'abakyala tegwandisobose singa abantu n'ebitongole eby'enjawulo tebyavaayo kuyambako ku mulimu guno.

N'olwekyo ab'ekitongole kya UWONET n'obuwombeefu batuusa okusiima kwabwe eri ABAKYALA mu kitongole kya UN abawaayo ensimbi zonna okusobola okufulumya akatabo kano nga bayita mu kitongole kya UN ekyekikula ky'abantu.

N'essanyu lingi abekitongole kya UWONET era bebaza abantu abakoze emirimu egy'enjawulo okusobola okufulumya akatabo kano nga abo abakunganyizza byonna ebyeyambisiddwa mu katabo kano; abakoze enongoosereza mu katabo kano wamu n'abo abakakyuusizza mu nnimi ez'ekinansi ezenjawulo. Okusiima okwenjawulo okuva mu UWONET kugenda eri omukyala Susan Labwot olw'okukwaanaganya omulumu gw'okugatta akatabo kano, Muky. Rita Aciro Lakor, ne Muky. Laureen Karayi olw'omulumu ogwe ttendo gwebakoze okusobola okumaliriza n'okufulumya akatabo kano.

UWONET tesobodde kwatuukiriza buli muntu oba ebitongole eby'enjawulo naye nga esiimye n'essekusiima yenna omulumu ogwe ttendo ogukoleddwa buli kinnoomu.

# EBIRI MUNDA

|                                                                                     |    |
|-------------------------------------------------------------------------------------|----|
| Okusiima.....                                                                       | i  |
| Ebiri Munda.....                                                                    | ii |
| Ebifunze.....                                                                       | iv |
| Ebisooka.....                                                                       | 1  |
| Enyanjula.....                                                                      | 3  |
| 1. Ebinyonyola.....                                                                 | 3  |
| 2. Ekigendererwa ky'akatabo.....                                                    | 4  |
| 3. Engeri ekitabogye kisengekeddwamu.....                                           | 5  |
| EKITUNDU EKISOOKA: Eddembe ly'ebyenfuna n'obulamu obwabulijjo.....                  | 5  |
| 1. Eddembe ly'okuyigirizibwa.....                                                   | 6  |
| 2. Eddembe ly'Okukola.....                                                          | 9  |
| 3. Eddembe ly'okuba n'amazzi n'embeera embeera y'obutonde ennungi.....              | 12 |
| 4. Eddembe ly'okuba n'Emmere emala.....                                             | 14 |
| 5. Eddembe lyo eri ebyobuwangwa.....                                                | 16 |
| EKITUNDU EKY'OKUBIRI: Eddembe ly'omuntu owa bulijjo ne banabyabufuzi.....           | 18 |
| EKITUNDU EKY'OKUSATU: Eddembe ku bintu by'abakyala.....                             | 20 |
| 1. Ebikulu ku ddembe lyo ku by'ettaka n'ebyobugagga ebirala.....                    | 21 |
| 2. Kiki ekirina okukolebwa okusobola okukuuma Eddembe ly'Abakyala ku by'Ettaka..... | 23 |
| EKITUNDU EKY'OKUNA: Eddembe ku nkolagana ng'afumbo n'okwawukana.....                | 25 |

|                                                                                      |    |
|--------------------------------------------------------------------------------------|----|
| EKITUNDU EKY'OKUTAANO: Eddembe ly'abakyala<br>kukutugunjyibwa olwekikula kyabwe..... | 35 |
| EKITUNDU EKYO MUKAAGA: Eddembe lyo ku by'obulamu                                     | 40 |
| EKITUNDU EKYOMUSANVU: Eddembe ly'abakyala abalina obulemo<br>ku mibiri gyaabwe.....  | 46 |
| Okuwumbawumba.....                                                                   | 49 |
| Ebyeyambisiddwa.....                                                                 | 51 |
| Ebigattidwaako.....                                                                  | 53 |
| MAPUTO PROTOCOL ENONGOOSEMU.....                                                     | 57 |

## **Ebifunze**

**UDHR** -UniversalDeclaration of Human Rights

**CEDAW** -Convention on the Elimination of all forms of Discrimination against Women

**ICCPR**-International Covenant on Civil and Political Rights.

**ICESCR**-InternationalCovenant on Economic, Social and Cultural Rights

**UWONET**-Uganda Women's Network.

**FIDA-U**-Association of Women Lawyers in Uganda

The Protocol to the African Charter on Human and Peoples' Rights on the Rights of Women in Africa

The Constitution - The Constitution of the Republic of Uganda 1995

## Ebisooka

Eddembe ly'obuntu ly'eddembe ly'abuli muntu erimuweebwa mu butonde kabe mussajja oba mukazi, mulenzi oba muwala, abato oba abakulu. Eddembe ly'obuntu lituweebwa Katonda. Era nga liweebwa buli muntu awatali kusosolwa mu myaaka, ekikula ky'omuntu, langi, olulimi, eddiini, ensibuko, embeera n'endowooza y'omuntu ku by'obufuzi.

Eddembe ly'obuntu ky'ekipimo ekikozesebwa okulaga ekitiibwa ky'omuntu. Wadde nga Uganda yassa omukono ku ndagaano y'ekitongole kyensi yonna ekya Universal Declaration of Human Rights era nga eddembe lino lyassibwa ne mu Ssemateeka w' eggwanga, abakyaala bangi eddembe lyaabwe likyatyoboolwa.

UWONET kyeruubirira kwekulaba nga tewakyaali kusosola mu bantu kwonna olw'ekikula oba obutonde bwabwe, abakyaala – ba maama, banyinna ffe abawala n'ebajajja bonna nga beyagalira mu ddembe lyaabwe awatali kusosolwa mu ngeri yonna. Ng'abasobola okwetusaako amazzi amayonjo, nga tebasosolwa ku mirimu gye bakolera, nga balina obuyinza ku by'enfuna n'ebintu ebirala. N'okusinga byonna UWONET kyeyettanira kwekulaba nga Abakyaala bonna mu Uganda batebenkedde mu mirembe mu maka gaabwe awatali kutulugunyizibwa kwonna.

Okusobola okutuukiriza ekiruubirirwa kino ba nna Uganda bonna betaaga okusooka okubangulwa ku ddembe lyabwe ery'obwebange. Era nga kino kijja kuyamba nnyo okukyuusa engeri abantu gyebeyisaamu n'endowooza yaabwe eri abakyaala wonna mu Uganda.

Era nga Eleanor Roosevelt, akulira ekitongole ky'ensi yonna ekya United Nations Human Rights Commission bweyakirambika mu 1948 bweyagamba nti,

*“Mu bifo ebitono ddala ng'amaka...wadde bitono bitya nga ne ku maapu yensi yonna tebirambikiddwa...tebisobola kuba na makulu okutuusa nga eddembe lino ery'obwebange limaze okubukalamu”*

Ekibiina kya UWONET kisuubira nti ekitabo kino kijja kweyambisibwa nnyo ba nna Uganda mu bitundu eby'enjawulo naddala abo abasookerwaako wansi okutegeera eddembe ly'abakyala ery'obwebange. Akatabo kano kajja kweyambisibwa okunyonyola n'okusomesa abantu naddala abakyala wonna mu Uganda awatali kusosola mu bitundu eby'enjawulo gyebabeera oba emirimu egye njawulo gyebakola.

Okweyongerera okutegeera n'okumanya eddembe ly'omuntu ery'obwebange naddala eddembe ly'abakyala kikulu nnyo okusobola okutuuka ku mwenkanonkano n'okwewala ebikolwa ebiwoola eddembe lino ekiruubirirwa ky'eggwanga lyonna okutwalira awamu.

Rita Aciro Lakor  
Akulira ekitongole kino

# Enyanjula

## 1. Ebinyonyola

Uganda Women's Network (UWONET) kye kibiina ekiyamba okutaba n'okugatta abakyala n'ebibiina saako ebitongole by'abakyala eby'enjawulo. Ekibiina kino ekya UWONET kyatandikibwaawo mu mwaka gwa 1993 wano mu Uganda mu kibuga ekikulu Kampala. UWONET kyetakabanira kwekulaba nga ekwanaganya omulimu gw'okutumbula n'okwongerera amanyi mu ku lwanyisa obutali bwenkanya wakati w'abaami n'abakyala mu Uganda. Ekigendererwa ky'omukago guno kwe kwenyigira mu kusalirawo eggwanga ku nsonga ez'enjawulo, okubaga amateeka n'endowooza ezissa mu nkola eby'etaago by'abakyala wamu n'abaami, kituyambe okuleetawo obwenkanya n'omwenkano nkano.

UWONET ekiriza nti okutuuka ku mwenkanonkano ssi kyangu era ng'okusingira ddala kivudde ku buyinza obungi abaami bwebaweebwa obukira obwabakyala eyo mu bitundu byaabwe. N'olwekyo bwetuba bakusitula ekifo ky'abakyala wonna mu ggwanga, abakyala bonna balina okubangulwa ku ddembe lyabwe ery'obwebange kisobozese okuleetawo enkyuukakyuuka mu mateeka n'enkola ez'enjawulo mu kusalirawo eggwanga.

Uganda ng'eggwanga ebaze era neyisa amateeka agenjawulo okufaananako naago agaayisibwa ekitongole kyensi yonna okusobola okutuuka ku mwenkanonkano ekintu ekikulu enyo mu mateeka g'eggwanga. Ssemateeka wa Uganda y'omu kwoyo asingira ddala mu Afrika wonna okuteeka ku mwanjo n'okutumbula eddembe ly'abakyala. Ekigendererwa ky'amateeka gano n'enkola zonna kwekulaba nga abantu bategeera omwenkanonkano n'okufuba okukituukiriza mu bulamu obwabulijjo. Eky'omukisa omubi nti Uganda ekyalina olugendo lunene era bingi ebirina okuteekebwa mu nkola okusobola okuganyulwa mu mateeka n'enkola ey'omwenkanonkano.

Mu Uganda ekikula ky'abantu kiteekeddwaako nnyo essira, n'ekigendererwa okukakasa nga ddala obumanyirivu, ebisuubirwa, eby'etaago n'endowooza z'abaami wamu n'abakyala ziteekebwa mu nkola mu kubaga amateeka, mu kusalirawo eggwanga, okuliteekatekera n'okulondoola ebyo ebiba biyisiddwa. Abakyala obutaba na buyinza ku bintu kye kisinze okulemesa omwenkanonkano wonna mu ggwanga. Buli abakyala lwe batawebwa ddembe lyabwe kikendeereza ddala emikisa gyabwe okwenyigira mu bintu ebye njawulo. Buli olukya obutali bwenkanya n'okutyoboola eddembe ly'abakyala ery'obwebange byeyongera wadde nga Ssemateeka wa Uganda owa 1995 alambika bulungi eddembe ery'obwebange eri buli muntu abe mwami oba mukyala.

## 2. Ekigendererwa ky'akatabo

UWONET kibiina ekyatandikibwaawo mu mwaka gwa 1993 okulwanirira eddembe ly'abakyala mu Uganda. Ekitabo kino kikwaata ku ddembe ly'abakyala. Ekitabo kiraga eddembe ly'omuntu ery'obwebange naddala eryo ery'abakyala eryenjawulo mu bulamu obwabulijjo.

Ekigendererwa mu kitabo kino kwe kutegeeza abakyala eddembe lyabwe n'obwenkanya ebirina okubaweebwa okusenziira ku mateeka ge ensi yonna n'ageggwanga. Ekitabo kireetawo okumanya abantu bonna abe mussajja oba mukazi ba ddembe okuba n'obulamu obulungi obuli ku mutindo gwensi yonna.

Okuva lwekiri nti eddembe ly'obuntu terinateekebwa mu ebyo ebirina okusomesebwa okusenziira ku curricula y'eggwanga, ekibiina kya UWONET kwe kwesowolayo kismese abakyala n'abantu bonna okutwaalira awamu ku ddembe ly'abakyala ery'obwebange basobole okubanja n'okwerwanangako singa wabaawo agezaako okuwoola eddembe lyabwe eryo mu kasirise oba mu lujjudde mu ngeri ezitali zimu.

### 3. Engeri ekitabo gye kisengekeddwamu

Ekitabo kino ekikwaata ku ddembe ly'abakyala kigabanyiziddwamu ebitundu musanvu ebyenjawulo ebiraga eddembe ly'abakyala erigwa mu biti ebyenjawulo nga bwe kirambikiddwa wa manga:

- \* Ebyenfuna n'obulamu obwabulijjo.
- \* Eddembe lyo ng'omuntu owabulijjo ne banabyabufuzi.
- \* Eddembe lyo ku by'obugagga
- \* Okutulugunyizibwa olw'ekikula kyo (GBV): Eddembe ly'abakyala
- \* Eddembe lyo kuby'obulamu
- \* Eddembe ly'abakyala abalina obulemo ku mibiri gyabwe
- \* Eddembe ku nkolagana yammwe ng'abafumbo mu maka

Buli kitundu mu bufunze kinyonyola ebikulu ku ddembe ly'abakyala ery'obwebange erigwa mu kiti ekyo. Era kinyonyola ebyo ebirina okweyambisibwa okuteeka mu nkola eddembe eryo. Bana Uganda bonna balina eddembe okweyagalira mu ddembe lyabwe ng'abantu ne mu by'obufuzi, saako mu bulamu obwabulijjo, mu by'enfuna ne mu by'obuwangwa. ne mu by'obufuzi, saako mu bulamu obwabulijjo, mu by'enfuna ne mu by'obuwangwa.

#### **EKITUNDU EKISOOKA**

##### **Eddembe ly'ebyenfuna n'obulamu obwabulijjo**

Eddembe ku by'enfuna n'obulamu obwa bulijjo bikulu nnyo mu bulamu era byeyambisibwa okukuuma ekitibwa n'eddembe lya buli muntu. Eddembe lino olumu liyitibwa eddembe ly'okweyimirizaawo olw'omugaso gweririna mu bulamu obwa bulijjo. Likola ku bombi abaami n'abakyala awatali kusosola mu langi, eggwanga, ekikula ky'omuntu, olulimi, eddiini, eby'obufuzi n'endowooza ez'enjawulo. Eddembe ku by'enfuna n'obulamu obwabulijjo lirambikiddwa bulungi mu mateeka ag'ensi yonna wamu n'eggwanga mu bitundu ebyenjawulo.

Mu kitundu kino, ekitabo kinyonyola erimu ku ddembe mu byenfuna n'obulamu obwabulijjo eryeyongerera eri abakyala. Era nga lyerino; eddembe ly'okuyigirizibwa, eddembe ly'okukola, eddembe ly'okuba n'amazzi n'embeera y'obutonde ennungi. Eddembe ly'okuba n'emmere emala, eddembe ly'okuba n'enyumba n'eddembe lyo eri eby'obuwangwa.

*Okusenziira ku CEDAW, abantu bonna ba ddembe okwenyigira mu byonna, mu by'obufuzi, mu by'embeera z'abantu, mu by'enfuna neby'obuwangwa na buli kyonna ekisoboka nga okweyambisa amateeka okukakasa nga ddala abakyala bafuna eddembe lyabwe eryo era nga balyeyagaliramumu okuyita mu mwenkanonkano.*

## 1. Eddembe ly'okuyigirizibwa

Okuyigirizibwa kwe kutendeka omuntu obukodyo n'amagezi eby'enjawulo okutuukana n'omulembe omuggya. Okusenziira ku matteeka ga Uganda, omwana ow'obuwala n'omulenzi balina okuweebwa omukisa gw'okutendekebwa kyenkanyi. Lwakuba nti mu matendekero agawaggulu omuwendo gw'abaana abobuwala abali mu matendekero agawaggulu batono nnyo bw'obagerageranya ku balenzi. Abaana abobuwala bali ebitundu 53 byokka bwobagerageranya n'ebitundu 61 ku kikumi eby'abaana abobulenzi.

Okusomesa abaana naddala abobuwala kijja kubayamba nnyo okusobola okuba n'obulamu obulungi n'okwanganga okusoomozebwa okwenjawulo. Ensimbi entono z'osiga mu mwana ow'obuwala okumusomesa ate mudda zigasa eggwanga lyonna okutwaalira awamu. Era nga enjogera bwe bagamba nti "Okusomesa omwana ow'obuwala kuba kugunjula ggwanga"

Ekitabo kino kirambika bulungi eddembe, omigaso n'obuvunanyizibwa bw'omuzadde, abatuuze na buli yenna obuvunayizibwa okulaba ng'omwana ow'obuwala abangulwa mu matendekero.

*Enkola ya Maputo egamba nti enjuyi zombi zirina okukola kyonna ekisoboka okulaba nga abakyala nabo baweebwa omukisa okusoma n'okutendekebwa mu ma ssomero awatali kubasosola olw'ekikula kyabwe.*

*Era eyongera okukirambika nti enjuyi zombi zirina okufaayo okutumbula eby'enjigiriza eby'abakyaala nga bafuba okulaba ng'abakyaala batendekebwa mu bintu eby'enjawulo ku mitendera egyenjawulo naddala mu bya sayansi ne tekinologiya.*

## **Ddala abakyaala nabo balina eddembe okusoma era ani alibawa?**

- \* Okusoma ddembe lya buli muntu yenna ery'obwebange si nsonga mwami oba mukyala.



- \* Okusoma ddembe lya buli muntu nga bwe kirambikiddwa mu Ssemateeka wa Uganda owa 1995 akatundu aka 30, Beijing Plat Form for Action ne Convention on the Elimination of all Forms of Discrimination against Women (CEDAW) n'ebirala.
- \* Uganda erina okutuukiriza obuvunanyizibwa bwayo nga bwekyetaagibwa mu nsi yonna nga ebagawo enkola ejja okumalawo engeri zonna abakyaala zebasosolwamu era efube okulaba ng'abaana abobuwala baganyulwa kyenkanyi mu by'enjigiriza ng'abaana abobulenzi.
- \* Enkola eya "Bonna basome" (UPE ne USE) yatandikibwawo mu Uganda era nga eyambye bangi.

- \* Abakyala mu Uganda emikisa balina gyegimu ng'abasajja okuyambibwa mu kusoma n'engeri y'okufunamu omukisa okuwererwa.

## **Ensonga lwaaki abaana abobuwala batono abagenda mu ssomero era lwaaki bo abawala eby'okusoma babivaako mangu**

Wadde nga enkola n'amateeka mangi gabagiddwa ku mitendera egyenjawulo okusobozesa omwana owobuwala naye okusoma, abakyala n'abaana abobuwala bakyasanga okusomoozebwa okwenjawulo nga kuno okumyeddwa wammanga;

- \* *“Nga bwekiri mu buwangwa bwaffe, mu maka mangi abaana abobulenzi bebaweebwa omukisa ogusooka mu by'okusoma n'okusalawo okwenjawulo”<sup>1</sup>* okusenziira Antonia Harsh omusomesa mu gamu ku ma ssomero agali ku ddaala lya disitulikiti.
- \* Omuwendo gw'abaana abawanduka mu kusoma okweyongera olwa bazadde baabwe okulemererwa okubasasurira ebisale by'essomero n'obwetaavu bw'okukozesa abaana bano naddala mu byalo.
- \* Okufumbizibwa nga tebanetuuka n'okufuna embuto ng'abakyaali bato mu myaka.
- \* Okusosolwa omwana ow'obuwala kwayitamu bwo mugerageranya n'omulenzi. Abaana abobulenzi baweebwa enkizo mu kusoma okukira ku bawala.
- \* Abamu bakiriza n'okukiriza nti amaka omuli abaana abobuwala bokka gaba tegaliimu baana n'olwekyo kuba kumala biseera okwoononera ensimbi ku mwana owobuwala.

Ekikulu kiri nti Gavumenti n'ebwenebaga enkola n'amateeka ebirungi okuzaama, naye nga tewali kikoledwa kukuusa ndowooza z'abantu mu

---

<sup>1</sup> AFROL kyekimu kubitongole by'amawulire mu Afrika ebyetengeredde mukufulumya amawulire mu lulimi olungereza n'olufalansa.

maka eri omwana ow'obuwala, tewali kyamaanyi kijja kutuukibwaako. N'olwekyo buvunanyizibwa bwa buli maka okufaayo okusomesa owobuwala.

## 2. Eddembe ly'Okukola

Mu Uganda okukola ddembe lya buli muntu. Okujjako abaana abato abali wansi wemyaka 12. Amateeka ga Uganda n'agensi yonna gakirambika bulungi nti abakyaala balina okuweebwa eddembe lyabwe ku mirimu. Eddembe lyonna eriweebwa abakyaala era lyeryo eriweebwa n'abaami ng'ogyeeke ebimu nga okuweebwa ekiseera okuwummula oluvanyama lw'okuzaala (maternity leave).

Abakyaala bonna mu Uganda balina okukimanya nti gavumenti yateekawo amateeka agalina okugobererwa okusobola okukuuma n'okutumbula eddembe ly'abakyaala. Buvunanyizibwa bwo ggwe okubanja eddembe lyo lino mu bifo gye mukolera.



-----  
2 Section 32(1) Employment Act 2006

*CEDAW ekirambika bulungi nti enjuyi zombi okukola kyonna ekisoboka okulaba nga ekyo okusosola abakyala mu by'emirimu kikomezebwa okuyita mu kutumbula omwenkanonkano era nga eddembe eriweebwa abaami era lyeriweebwa n'abakyala bonna, naddala:*

- \* Eddembe okukola eddembe ery'obwebange eri buli muntu*
- \* Eddembe okuweebwa emirimu okuyita mu makubo gegamu ng'abaami*
- \* Eddembe okweronderawo ekyo kyebaagala okukugukamu n'okukola, eddembe ly'okukuzibwa ku mulimu, okwenywereza ku mirimu n'emigaso emirala*
- \* Eddembe okuweebwa byonna ebiweebwa omukozi, okuyisibwa ekyenkanyin'okuweebwa ekitiibwa ku mirimu ng'abaami.*
- \* Eddembe okuba n'obulamu obulungi n'okwekuuma embeera ezenjawulo mwebakolera eziyinda okuba ezobulabe eri obulamu bwabwe ng'okweyagalira mu eddembe lyabwe okuzaala*

## **Eddembe ly'abakyala ku mirimu**

1. Eddembe ly'okuweebwa emirimu awatali kusosolwa ng'abakyala n'okulekerwa eddembe okweronderawo kye bandyagadde okukugukamu.
2. Eddembe okukola awatali kwemulugunya kwonna, okukolera mu mbeera awatali kusosolwa olw'ekikula kyabwe, eggwanga, ekika, ensibuko, endowooza ezenjawulo mu by'obufuzi n'ebirala.
3. Eddembe okusasulwa ekyenkanyi omulimu ogukoleddwa awatali kusosolwa.
4. Eddembe ly'okukozesa ennaku zaabwe ezibaweebwa okuwummulamu ku mirimu buli mwaka (annual leave), n'ezo ezibaweebwa singa balwaala (sick leave) n'oluvanyuma lw'okuzaala (maternity leave). Okusinziira ku katundu 56 aka Employment Act "omukyala yenna oluvanyuma lw'okuzaala oba okuvaamu olubuto alina okuwummula ennaku 60 ez'okukola naye ng'asasulwa omusaala"
5. Eddembe okudda ku mulimu mu kifo kyeyalina nga tanazaala mu mbeera ate esingako.

6. Eddembe lyabwe okukola essaawa ezirambikiddwa mu matteeka, z'essaawa 48 okusinziira ku Employment Act.
7. Okuliyirirwa singa afuna obuvune bwonna ng'ali ku mirimu emitongole oba ku lw'omulimu.
8. Eddembe obutakakibwa kwegatta mu bya mukwano



*Akatundu ake 13 mu Maputo protocol koogera ku ddembe ly'ebyenfuna n'obulamu obwa bulijjo obulungi ng'akakirambika nti abakozesa balina okubaga enkola n'okuteeka mu nkola amateeka agawa abakyala okyanya okwegazaanyiza mu ddembe lyambwe ku mirimu ng'abaami awatali kusosolwa olw'ekikula kyabwe.*

## **Okusosolwa ky'eki?**

Okutulugunya, Okugaana oba okulemesa omuntu okufuna byateekeddwa okufuna ng'alangibwa: eggwanga lye, langi ye, obutonde oba ekikula kye, eddiini ye, enzikiriza ye mu by'obufuzi, ekitundu gyasibuka, okuba n'akawuka akaleeta obulwadde bwa sirimu, obuteesobola n'engeri endala ezenjawulo.

## **Okutulugunyizibwa mu by'okwegatta mu mukwano kitegeeza ki?**

Okusenziira ku matteeka kitegeeza; okusaba omukyala akunyumya akaboozi obutereevu, oba okweyisa gyaali mu ngeri emutiisatiisa oba emukaka okwegatta mu by'omukwano.

## **Omukyala wa gy'asobola okuyambibwa singa atulugunyizibwa mu by'omukwano?**

Mu w'ofiisi evunayiziwa ku bakozi era nga *Labor Officer* avunanyizibwa okulondoola n'okukola ku kwemulugunya kwabo abemulugunya mu bifo oba embeera mwe bakolera. Era ng'omukulu ono alina obuyinza okuwulira, okunoonyereza n'okusengeka okwemulugunya okwo. Omukulu ono akulira ekitongole ekivunanyizibwa ku nsonga z'abakozi era okutwaala okwemulugunya kuno mu maaso. Era asobola okuggulawo omusango mu kkooti y'ebyobusuubuzi okusenziira ku buzito bw'omusango.

## **3. Eddembe ly'okuba n'amazzi n'embeera embeera y'obutonde ennungi**

Abakyala bebasinga okukozesa amazzi. Bebakima amazzi eka era bebvunanyibwa ne ku ngeri gyegaterekebamu. Bebvunanyizibwa ku mirimu gyawaka ng'okufumba, okulongoosa awaka, okwooza engoye n'ebintu saako okunaaza abaana. Era bebvunanyizibwa ku buyonjo awaka ng'okuyonja kabuyonjo n'awaka wonna okutwalira awamu.



Eky'omukisa omubi kiri nti mu Uganda abantu ebitundu 54% tebasobola kwetusaako mazzi mayonjo. Wano tutunuulidde amazzi amayonjo okuba mu lugendo oluweza obuwanvu obwa 1.5 km (eri abo ab'omubyalo) ne 0.2 km (eri abo ab'omubibuga) okusobola okwetusaako amazzi amayonjo. Mu bitundu ebisinga amazzi gasingaaniibwa mu bitundu ebyewala ne kiba nti abakyaala baba balina okutambula olugendo oluwanvu ddala okusobola okufuna amazzi.

Uganda etaddewo enkola n'amatteeka okukuuma eddembe ly'abakyaala eri amazzi n'obutonde. Era singa enkola zino n'amatteeka biteekebwa mu nkola olwo eddembe ly'abakyaala mu Uganda eri amazzi amalungi liba ligonjoddwa. N'olwekyo ddembe lya buli muntu okubanja ensaasanya n'okukuuma ensibuko z'amazzi.

## Eddembe lyo eri amazzi n'obutonde ebirungi biwa enkizo buli mukyala oku:

- \* Okuba n'amazzi agamumala ate nga mayonjo
- \* Okuba ng'asobola okwetusaako amazzi
- \* Okuba ng'asobola okwetusaako amazzi gakozeza nga ye n'agokukozesa awaka.
- \* Okuba n'ensibuko y'amazzi emala n'entereka yaago
- \* Ekifo ekituufu obubi n'ebikyafu ebirala gyebirina okusuulibwa

*Maputo protocol Akatundu ake 18 kagamba nti: Abakyala ddembe lyabwe okubeera mu mbeera y'obutonde ennungi bulijjo. Kale kya nsonga okulaba nga abakyala nabo benyigira kyenkanyi mu kubaga, okuteekateeka n'okukuumama okulaba embeera y'obutonde bwensi n'okukozesa obulungi byonna eby'obutonde*

## Kiki gavumenti kyegwanidde okukola okusobola okutumbula embeera y'obutonde ennungi n'amazzi amayonjo:

- \* Abakyala okwenyigira nnyo mu kubaga enkola ey'okugobererwa, okuteekateeka n'okukuumamu eby'obutonde ku mitendera gyonna.
- \* Okufaayo okutendeka n'okutumbula endowooza z'abakyala ezenjawulo.
- \* Okufuba okulaba ng'obubi, n'obukyaafu obwengeri endala buterekebwa, era nga butwalibwa mu kifo ekituufu gyebulina okuyibwa oba okusuulibwa.

## 4. Eddembe ly'okuba n'Emmere emala

Ddembe lya buli muntu okuba n'emmere emala awatali kusosolwa mu ngeri yonna. Eddembe lino litwaaliramu okuba n'ensibuko y'emmere emala n'eterekerwa lyayo nga ekyaagi okukakasa nga emmere teggwa waka.



Alipoota ku bantu mu Uganda eyafulumizibwa mu mwaka gwa 2007 (Uganda Population report 2007) yalaga nti ebitundu 31% ku bantu obukadde 28.4 tebalina kyebalya ate nga baavu ba lunkupe. Kino ne kiba nga kiteeka obulamu bwabo abakoseddwa naddala abakyala, abaana n'abakuze mu myaka olw'okubulwa eky'okuzza eri omumwa.

Abakyala n'abaana abobuwala beebasinga okukosebwa embeera eno kubanga bebalina okugabula n'okulabirira abalala mu maka. Era mu biseera emmere webeerera ey'ekekwa, abakyala belabira n'okwefaako nga bo olw'okufuba okuliisa abomumaka gaabwe.

Ffena wamu tulina okukitegeera nti bwetuba n'ebbula ly'emme; okwongera amanyi mu bye nkulakulana n'obuvunanyizibwa eri bantu banaffe bikosebwa. N'olwekyo abantu balina okuyimukiramu okukola ennyo okulwanyisa enjala nga bakoze ebyo byebalina okusobola okweteekateekera emmere emala.

*Kirambikiddwa mu Maputo protocol Akatundu ake 15 nti ddembe ly'abakyala okuba n'emme emala ate ejjudde ekiriisa. Era ng'okutuukiriza kino bino birina okuteekebwa mu nkola:*

- \* *Abakyala bateekwa okuweebwa amazzi agokunywa amayonjo, amafuta ag'okukozesa awaka, ettaka n'okwerimira emmere ejjudde ekiriisa.*
- \* *Okukakasa nga waliwo ensibuko y'emme emala ate eyesigika okusobola oklumalalwo ebbula ly'emme*

## **Ensonga ezirobera abakyala okweyagalira mu ddembe lyabwe okuba n'emmere emala**

- \* Emyaka mingi nga Uganda egwaamu obukuubagano n'ebikolwa eby'obukambwe ekiremesezza abantu abawerera ddala okweyagalira mu ddembe lyabwe ery'okuba n'emmere olw'obutasola kwerimira mmere.
- \* Omulimu ogukolebwa abakyala mu by'obulimi guweza omugatte gwa bitundu 80% kyokka nga ku ttaka lyonna abakyala balinako ebitundu 16- 21% byokka. Era nga kyekubiira ono mu by'engabana y'ettaka wakati w'abaami n'abakyala era nga kino olumu kivaako ebbula ly'emmere.
- \* Mu Uganda wakaliwo amawanga agamu agakyagoberera obulombolombo obumu obutyoboola eddembe ly'abakyala okugeza okugaanibwa okulya enkoko n'amagi ate nga bya mugaso nnyo eri obulamu bw'omuntu naddala ba maama.
- \* Mu bitundu ebisinga mu byalo betundako emmere yonna ku bbeeyi okusinzira ku katale nga bwekaba kayimiridde bafune ssente ate abomu maka ne basigala nga tebalina mmere ebamala.
- \* Abakyala tebaweebwa mukisa kusalawo n'okuganyulwa ku ssente eziba zivudde mu mmere eba etundiddwa ng'okugula ekika ky'emmere ekirala kyebetaaga oba ekintu ekirala kyonna.

## **5. Eddembe lyo eri ebyobuwangwa**

Eby'obuwangwa y'enzikiriza, enkola, engeri, enyimba n'engeri endala yonna abantu gye bakolamu ebintu okusenziira ku kitundu gyebava mu kiseera ekiweereddwa. Ebitongole ebyensi yonna binyonyola eby'obuwangwa nga eddembe ly'omuntu ekkulu ennyo okusenziira ku kitundu gyaava kuba ebitundu ebyenjawulo birina eby'obuwangwa eby'enjawulo.

## Eddembe lyo eri eby'obuwangwa



- \* Buli muntu wa ddembe okukola, okwenyumiririza, okweyagalira n'okufaayo okutumbula obuwangwa mwasibuka, eggwanga lye, olulimi, ennono, enzikiriza eddiini n'ebirala.
- \* Ddembe lya buli muntu okwenyigira mu by'obuwangwa byabwe n'okufuba okukwataganya obuwangwa bwabwe ne sayansi wensi yonna.
- \* Amawanga galina eddembe n'obuvunanyizibwa okufuba okulaba nga abakyaala benyigira mu kubaga amateeka g'obuwangwa bwabwe ku mitendera gyonna.

*Eddembe ku by'obuwangwa, Akatundu ake 17 mu Maputo protocol kagamba nti:*

- \* *Mu buwangwa bwabwe n'okwenyigira mu kubaga amateeka ku mitendera gyonna obuwangwa bwabwe kwe budukanyizibwa*
- \* *Walina okubagibwaawo enkola okufuba okulaba ng'abakyaala benyigira mu kubaga amateeka okuddukanyizibwa oby'obuwangwa ku mitendera gyonna*

Wetegereze: Wadde nga buli muntu wa ddembe okweyagala n'okwenyumiririza mu buwangwa bwe, Ssematteeka wa Uganda owa 1995 alambika ....akatundu akakugira obuwangwa bwonna obw'obulabe eri abakyaala. (okuba obwobulabe tutegeeza okunafuya oba okutuusa obulabe ku bulamu bw'omukyala) okuba nga kikyamu era nga tebukirizibwa.

## EKITUNDU EKY'OKUBIRI

### Eddembe ly'omuntu owa bulijjo ne banabyabufuzi

Amatteeka mangi agali ku daala ly'ensi yonna n'agegwanga agabagibwa okukuuma eddembe ly'abantu ababulijjo ne banabyabufuzi awatali kusosolwa olw'ekikula kyabwe. Mu myaka gino engeri abakyaala gye benyigira mu by'obufuzi bya Uganda eyongeddhamu amanyi. Naye wadde ng'abakyaala beyongedde okwenyigira mu by'obufuzi by'eggwanga, kikyetaagisa okusomesa n'okukunga abantu okukakasa nga ddala abakyaala beetaba mu by'obufuzi bye ggwanga. Ssematteeka w'eggwanga akirambika bulungi nti wateekwa okubaawo omwenkanonkano wakati w'abaami n'abakyaala. N'olwekyo kikulu nnyo okulaba nga gavumenti eteeka mu nkola amatteeka agongera amanyi abakyaala okweyagalira mu ddembe lyabwe mu by'obufuzi, obulamu obwa bulijjo ne mu by'obusuubuzi. Kino okukituukako abakyaala balina okusooka okutendekebwa n'okwongerera okukiikirirwa gavumenti ne mu by'obufuzi bye ggwanga.

*CEDAW ekirambika bulungi nti walina okubagibwawo enkola okusobola okumalirawo ddala okusola abakyaala mu by'obufuzi ne mu by'obulamu obwabulijjo muni, naddala okukakasa nga waliwo eddembe ly'obwenkanya wakati wa bassajja n'abakazi:*

- (a) Okuba n'eddembe okwetaba mu kulonda kwonna okwekikungo n'okwesimbawo okulondebwa mu kifo kyonna;*
- (b) Okwetaba mu kubaga enkola n'amatteeka gavument kwe ddukanyizibwa n'okuweebwa ebifo ku mitendera gyonna okuweereza mu gavumenti;*
- (c) Okwetaba mu bitongole eby'obwa nnakyeewa n'ebiina ebyenjawulo ebivunanyizibwa ku bintu ebyenjawulo omuli n'ebufuzi.*



*Kirambikiddwa bulungi mu Maputo protocol Akatundu ako 9 nti abakyaala ba ddembe okwetaba butereevu era kyenkanyi mu by'obufuzi n'okubaga amateeka okuddukanyizibwa gavumenti nga bakolera wamu n'abaami kyenkanyi okukakasa nga:*

- \* Abakyaala benyigira mu kulonda abakulembeze okwabuli ngeri awatali kusosolwa*
- \* Abakyaala bakiikikirwa kyenkanyiku mitendera mu kulonda ku mitendera gyonna*
- \* Abakyaala bakolaganira wamu n'abaami mu by'enkulakulana ku mitendera gyonna n'okuteeka mu amateeka n'enkola mu ggwanga eby'okwekulakulanya.*

- \*** Abakyaala nabob a ddembe okwenyigira mu by'obufuzi n'okusalirawo eggwanga lyabwe ku nsonga ezenjawulo era nga bwekiri ku baami.
- \*** Ssematteeka w'eggwanga akatundu aka 29 akirambika bulungi nti buli muntu wa ddembe okuba nendowooza ye, okwetaaya, okukungaana n'okubeera n'ebibiina; kino kitwaliramumu eddembe lyabwe okunoonya okumanya n'okugabana n'abalala.
- \*** Buli omu wa ddembe okwesalirawo kyeyagalire n'okwerondera obukulembeze n'ekibina ky'ebyobufuzi okuyita mu kulonda okwamazima n'obwenkanya.
- \*** Abakyaala nabo ba ddembe okweyagalira mu ddembe lyabwe n'okuwulirwa mu mbuga z'amatteeka awatali kusosolwa olw'ekikula kyabwe. Okusinziira ku ssematteeka wa Uganda akatundu ake 28, omuntu yenna taba na musango okutuusa nga kkooti emaze okugumusalira.

- \* Buli muntu wa ddembe okuba n'endowooza ye, entegeera ye ey'ebintu n'enzikiriza oba eddiini gayagala.
- \* Buli muntu wa ddembe okutandikawo ekibiina ky'ebyobufuzi oba ekibiina ekyengeri yonna endala mu by'obufuzi. Akatundu aka 29 mu ssematteeka wa Uganda kagamba nti *"buli muntu wa ddembe okutandikawo oba okwenyigira mu kibiina kyonna eky'ebyobufuzi kyaba asiimye n'ebibiina ebirala ebyabulijjo."*
- \* Buvunanyizibwa bwa buli mu nna Uganda awezezza emyaaka 18 okwewandiisa okulonda abakulembeze n'okweyagalira mu ddembe lye ery'okulonda.

## EKITUNDU EKY'OKUSATU

### Eddembe ku bintu by'abakyala

Ekgendererwa mu kitundu kino kwe kulambika eddembe ly'abakyala ku nsonga z'ebyettaka. Ekitundu kino kikubiriza n'okumanyisa ba na Uganda naddala abakyala eddembe lyabwe ku by'ettaka n'okwongera obwa nnanyini n'obuyinza bwe balina ku ttaka okusobola okuleetawo enkulakulana ey'olubeerera.

Abantu mu Uganda kati bakununkiriza obukadde 28.4, nga abakyala bali ebitundu 51%. Ettaka kye kimu ku by'obugaga mu Uganda ebisinga okukozesebwa abakyala. Ekyennaku abakyala abalina ettaka batono ddala nga bali wakati w'ebitundu 16-21%. Abakyala bangi tebaweebwa eddembe lyabwe okusikira ettaka n'ebyobugagga ebirala, okubeera n'obwa nnanyini ku ttaka n'okulikozesa olwekikula kyabwe. Kino nga kizza nnyo emabega eby'enkulakulana by'abakyala n'eggwanga lyonna okutwalira awamu.

Etteeka ku by'ettaka erya 1998 lyogera ku buvunanyizibwa eri omusenze, nannyini ttaka n'engeri y'okukuuma n'okulabiriramu ettaka. Enongosereza eya kolebwa mu tteeka lino mu mwaka gwa 2004 erambika bulungi eddembe ly'abakyala okuba n'obwa nnanyini ku by'obugagga ng'ettaka. Okusinziiira ku tteeka lino (*Land Amendment Act 2004*) akatundu aka 39a kakirambika bulungi nti abafumbo

balina okusooka oku kkaanya ne kiteekebwa ne mu buwandiike nga tebanasalawo kutunda kyabugagga kyabwe mu maka.

Bw'ogerageranya n'amawanga gabaddugavu abalala, ebibiina by'abakyala mu Uganda bikoze omulimu gw'amanyi era ne bisomooza enkola ey'edda ku bwa nnanyinni ku ttaka eri abakyala. Etteeka lino lyayisibwa oluvanyuma lw'okwebuuzza mu bitundu byonna eby'eggwanga okusobola okuziba emiwaatwa enkola eyedda etteeka lya Land Act gye kataasobola kuziba.

## **1. Ebikulu ku ddembe lyo ku by'ettaka n'ebyobugagga ebirala**

- \* Mu Uganda ddembe ly'abakyala era nga bweguli ku baami okuba n'obwa nanyini ku ttaka, okulikozesa n'okusalawo nga bwoba oyagadde awatali kukubwa ku mukono kuba dembe lyabuli muntu.
- \* Abakyala nabo ba ddembe okuba n'obwa nnanyini ku bizimbe n'ebyobugagga ebirala.
- \* Okusinziira ku katundu 26 aka ssematteeka wa Uganda, buli muntu wa ddembe okuba n'obwannanyini ku ky'obugagga kyonna ye ng'omuntu oba ng'ekibiina. Kino kitegeeza nti abakyala nabo baddembe okuba n'obwa nnanyini ku ky'obugagga kyonna nga bwekiri ku balala.
- \* Etteeka ly'ensi yonna likirambika bulungi nti teri alina buyinza kumala gakujjako kyabugagga kyo. Buli muntu wa ddembe okukuumibwa n'ebyobugagga bye awatali kusosolwa mu ngeri yonna olw'ekikula kye.
- \* Abakyala nabo ba ddembe okwewola ensimbi kuby'obulimi, okukuyega, okukozesa tekinologiya ow'omulembe n'okuyisibwa ekyenkanyi ng'abaami ku bwa nnanyini n'okuganyulwa mu nteekateeka ez'enjawulo ku ttaka.

*Amazima ku Ddembe ly'Abakyala ku Ttaka*

- \* Ssematteeka wa Uganda avumirira obuwangwa, enzikiriza n'ennono ebivoola eddembe ly'obuntu, obulamu obulungi, ebyetaago oba okunyomoola ekikula ky'omuntu.
- \* Abakyala ababeera mu bibuga bo basobola okubeerawo awatali ttaka ekitasoboka ku abo ababeera mu byaalo.
- \* Eddembe ly'abakyala ku by'ettaka bisinga kugasa abo abekyalo era abalimi – abalima ebyo ebirambikiddwa mu by'enfuna by'egwanga okuyita mu by'obulimi.

**Endowooza ezikyalemesezza abakyala okweyagalira mu ddembe lyabwe ku by'ettaka.**

- \* Ennongoosereza mu tteeka ly'ettaka (*Land Amendment Act 2004*) eyamba abo bokka abafumbiriganwa embaga mu butongole, so nga abakyala bangi abali mu mbeera eyo naye nga tebafumbiriganwanga mu butongole.
- \* Ettaka n'eby'obugagga ebiralala birina kuvunanyizibwaako baami nga ba "nnyinimu" era abalina okulabirira amaka ne bwekiba nga omukyala yayimirizaawo amaka ago.

*"Nze ne maama batugoba mu nnyumba oluvanyuma lwa taata okufa, abekika batugamba nti mu maka omwo temwali kintu na kimu kyaffe, era amaka netugavaamu"* Kam Sopie mulekwa bwatyo bwa nyonyola.

- \* Endowooza egamba nti eby'eddembe ly'abakyala byabo abaasoma oba abayivu era teritunuulira by'etaago byamukyala ow'ekyalo.
- \* Mu mawanga agasinga, omwana owobuwala oba omukyala takirizibwa kusikira ttaka lya kitaawe oba okuva ku bba. Tekitera kulabikalabika omukyala okusikira ettaka lya bakadde be. Kitera kubaawo singa abazadde baba bayivu era nga n'okuzaala tebazaala baana ba bulenzi.

Badru Tidamulala-Akulira ekika kya Baisesanga agamba nti: “Omwana owobuwala atulugunyibwa nnyo. Singa omuzadde azaala baana babuwala bokka okuzaala kwe tekuba na makulu. Era bwe wabaawo ebintu abaana abobuwala byebalina okusikira, abantu emagombe banguwa yo basobole okugabanya ebintu ebyo”<sup>3</sup>.

- \* Okunoonyereza kulaga nti abaami abasinga bakiriza abakyala tebasaana kweyingiza mu byakugula oba okutunda ettaka<sup>4</sup>.

Omwami omu e Hoima yakyaatula lunnye nti. “ naye nga ddala erinnya ly'omukyala liba linoonyaaki ku kyaapa ky'ettaka okujjako ng'omukyala ateeekateeka kusuulawo mwami”

- \* E Kabale omussajja azaala abaana abobuwala bokka bamutwaala naye keniyini y'etwaala okuba ng'atalina era atazaala baana.

Waliwo omwami omu eyazaala abaana abobuwala bokka ate nga mugagga era ng'alina ebintu bingi. Wabula mu kiraamo kye ebintu byonna yabiraamira Kanisa tewali kintu nakimu kyeyalaamira bawala be. Era nga kino abatuuze bakiraba nga kyabulijjo.

## 2. Kiki ekirina okukolebwa okusobola okukuuma Eddembe ly'Abakyala ku by'Ettaka

Palamenti erina okuyisa etteeka ly'abafumbo eriri mu bubage (Marriage and Divorce Bill) lyebakyatesaako ensangi zino. Etteeka lino lirambika bulungi akatundu aka 31(1) aka ssematteeka wa Uganda akagamba nti “abaami n'abakyala bombi ba ddembe okweyagalira mu bufumbo

3 “Working with cultural leaders to protect the rights of widows and orphans: the experience of PLAN and FIDA in Eastern Uganda: The cross-Cultural Foundation of Uganda, 2008 [www.crossculturalfoundation.or.ug](http://www.crossculturalfoundation.or.ug)

4 Women and land rights in Uganda by Evelyn Nyakoojo- consultant ; EASSI; 2002

bwabwe era ba ddembe okwawukana” Etteeka lino bwerinayisibwa lijja kuyamba nnyo okutumbula eddembe ly'abakyala ery'okuba n'obwa nnanyini ku ttaka n'eb'yobugagga ebirala.

### **Engeri etteeka lino gye likuumamu eddembe ly'abakyala ku ttaka n'eb'yobugagga ebirala**

- \* Linyweeza eddembe ly'abagalana okuba n'ekyobugagga kyabwe bombi oba buli omu okuba n'ekikyey.
- \* Lirambika bulungi eddembe ku by'obugagga eri abo abafumbo n'engeri eyokugabanamu eby'obugagga ebyo singa basalawo okwawukana.
- \* Etteeka lino kyakuddamu eri abaagalana ababeera bombi naye nga tebafumbiriganwanga mu butongole nga liraga engeri gyebasobola okugabana mu eby'obugagga byonna byebafunye bukya batandika kubeera bombi. Kino mu Uganda kikulu nnyo kubanga abaagalana bangi bamala ekiseera nga babeera bombi era nga balafuubana bombi ne bafuna eby'obugagga ebiwerako kyokka ate oluvanyuma nebabalekawo nebawasa abawala abakyali abato mu myaka era nebatatwalako ebintu byonna. Etteeka terikiriza nti okwefumbiza naky'o kika kya bufumbo.

### **Engeri y'okugabanamu eby'obugagga eri abafumbo.**

Singa obufumbo balemagana era ne basalawo okwawukana, kkooti esobola okugabanyamu abasazeewo okwawukana eby'obugagga byabababadde nabyo mu bufumbo bwabwe. Naye nga bino wa mmanga birina okugobererwa:

1. Ebbanga lye bamaze mu bufumbo – abaagalana bano abasazeewo okwawukana obufumbo babumazeemu banga ki
2. Emyaaka gyaabwe – abafumbo bano emyaaka balina emeka
3. Ekitundu buli omu ku bafumbo bano kyeyakola okusobola okufuna eky'obugagga ekyo.
4. Embeera y'ebyenfuna eya buli omu mu kiseera we basaliddewo okwawukana.
5. Ennyingiza oba enfuna ya buli omu ku baagalana bano

## EKITUNDU EKY'OKUNA

### Eddembe ku nkolagana ng'afumbo n'okwawukana

Ekitundu kino kirambika eddembe ly'abakyala eryenjawulo mu bufumbo bwabwe, mu kwawukana n'okusatulula obufumbo. Eddembe lino linokoddwa mu matteeka g'ensi yonna age ggwanga egenjawulo. Amatteeka getulina wano kati agakwaata ku bafumbo galimu emiwaatwa mingi egyetaaga okuziba okusobola okwewala okutyoboola eddembe ly'abakyala. Eky'okulabirako etteeka eririwo kati bingi byeritoogerako ku ddembe ly'abakyala ng'eddembe ly'abakyala abafumbo ku bintu n'emyaaka emituufu egy'obufumbo. Ensonga ezo zirina okukolwako era y'ensonga lwaaki ekibiina kya UWONET kigenda mu maaso kyaniriza n'okuwagira ne ssekuwagira yenna etteeka lino erikwaata ku bafumbo erikyali mu bubage erya *Marriage and Divorce Bill* erigenda okudda mu kifo kya *Domestic Relations Bill* oba DRB.



Wadde nga waliwo amatteeka g'eggwanga agalina okukuuma eddembe ly'abakyaala mu bufumbo, eddembe lino abakyaala abasinga obungi tebasobodde kulyeyagaliramu olwenzikiriza n'enkola eby'obuwangwa eby'enjawulo, enkolagana n'enfuna y'abakyaala okuba nti ekyali wansi ddala. Abakyaala bangi tebalina kyabamanyi ku lyabwe lino bwebatyo ne baba nga tebasobola kulyeyagaliramu era ebiseera ebisinga abakyaala bebanenyezebwa singa obufumbo bulema.

Mu Maputo protocol, kirambikiddwa bulungi nti abakyaala n'abaami bombi ba dembe mu bufumbo bwabwe awatali n'omu kubo kusukkuluma ku munne. Era balina balina okufuba okugoberera enkola n'amateeka ebye ggwanga okukakasa nga;

- \* Tewali muntu nomu akakibwa kufumbirwa oba okuwasa. Okufuuka abafumbo kirina kuba kyakyeyagalire era nga bombi bakiriziganyizza bulungi.
- \* Omuntu ataweza myaka 18 takirizibwa kufumbirwa oba kuwasa
- \* Omussajja okuwasa omukyala omu kyekika ky'obufumbo ekirina okwettanirwa
- \* Omukyala wadde afumbiddwa wa ddembe okusigaza erinnya lye.

### **Obufumbo kye ki?**

- \* Ye mussajja n'omukazi okusalawo kyeyagalire okwegatta awamu okubeera bombi obulamu bwaabwe bwonna.
- \* Bebantu ababadde abenjawulo okwegatta awamu ekitondawo enganda.
- \* Kyekitongole enkolagana y'omuntu ne munne bwe baagalana mu by'omukwano n'okwegatta mu kikulwa eky'obufumbo gye bikolebwamu okusenziira ku buwangwa bwabwe obwenjawulo mwe basibuka. .
- \* Obufumbo mu butongole butandika na mukolo oguyitibwa embaga.

*Kiwandiikiddwa mu CEDAW wajja kubagibwaawo enkola zonna ezisoboka era ziteekebwe mu nkola okukasa nga abakyala tebasosolwa mu maka oba mu bufumbo bwabwe era okukakasa nga waliwo obwenkanya wakati w'abaami n'abakyala:*

- \* *Eddembe bombi okutandika obufumbo buno kyeyagalire:*
- \* *Eddembe okwerondera omubeezi era okutandika ofumbo kyeyagalire;*

## **Eby'omusajja byalina okuba nabyo okusobola okutandika amaka**

1. Singa bombi baba nga baweza emyaka 18 n'okusingawo.
2. Bwe wabaawo okwesalirawo okuva eri abo abateekateeka okufumbiriganwa.
3. Singa okulanga n'okutegeeza abo ababa bagenda okufumbiriganwa bikolebwa.
4. Ekifo awagattirwa abagole okugeza ewa Diisi, mu kanisa oba mu muzikiti oba ekifo kyonna ekirala omusinzibwa kiba kyakakasibwa mu butongole era noyo akola omukolo ogw'okugatta yaweebwa olukusa okugatta abagole

## **Obufumbo obutakirizibwa**

1. Singa wabaawo oluganda wakati w'omussajja n'omukazi, okugeza taata ne muwalawe, maama ne mutabani we, omwana ow'obulenzi ne mwannyina; kizibwe we; ssenga we oba maama we omuto; kojja we oba okuba nga beddira omuziro gwe gumu.
2. Singa omu ku bo mu kiseera ekyo aba n'ekikyamu ku bwongo oba nga mutabufu wa mutwe.
3. Singa omu kubo aba nga yakuba dda ekirayiro n'omuntu omulala ate nga akyali mulamu; okujjako mu bufumbo obugoberera enkola ey'eby'obuwangwa
4. Singa omu kubafumbo aba nga yakakibwa bukakibwa okufumbirwa oba okuwasa oba yalimbibwalimbibwa
5. Singa abaagala okufumbirwa baba nga bombi bakikula kimu oba obutonde bwe bumu.
6. Bwe baba nga ku bo kuliko atanaweza myaka 18.

## **Obufumbo obukirizibwa n'ebigobererwa mu Uganda**

Amatteeka mangi agenjawulo agalaga engeri ebika by'obufumbo ebyenjawulo gye birina okuddukanyizibwaamu mu Uganda.

- \* Obufumbo bwonna okukakasibwa bulina okusooka okuwandiikibwa mu butongole.
- \* Mu bika bino eby'obufumbo mulimu, okufumbiriganwa ewa Diisi, okufumbiriganwa mu kanisa, okufumbiriganwa okw'eki Hindu, okufumbiriganwa okugoberera enkola eya kufumbirwa ey'eki Bahai n'okufumbiriganwa okugoberera enkola ey'obuyisiraamu.

## **Eddembe ly'abakyala n'abaami mu bufumbo.**

- \* Ssematteeka akirambika nti walina okubaawo obwenkanya era abafumbo bano bonna bali wansi w'amatteeka age ggwanga.
- \* Abakyala n'abaami eddembe balyenkanya.
- \* Buli omu kubafumbo wa ddembe okuba n'ekyobugagga kye ekikyee ku bubwe nga ye oba ekyabwe bombi ng'abafumbo.
- \* Omwami n'omukyala bakukiriziganya ku kifo gyebaagala okubeera.
- \* Omukyala wadde afumbiddwa waddembe okusigaza amannya ge, eggwanga lye oba okufuna obutuuzze mu ggwanga lya bba gwaba afumbiddwa.
- \* Omukyala naye wa ddembe okukkusibwa mu by'omukwano. Lino etteeka litegeeza nti omwami n'omukyala balina okwagalana, okubeeragana n'okukuumagana.
- \* Omwami n'omukyala balina okukaanya ku muwendo gw'abaana be baagala okuzaala n'amabanga ag'okuleka ge banaalekanga nga tebanazza ku buli mwana.
- \* Abakyala n'abaami bombi bavunaanyizibwa ky'enkanyi ng'abazadde ku nsonga zonna ekikwaata ku baana baabwe. Era mu nsonga zonna ensonga y'abaana erina okuweebwa ekifo ekyo kumwanjo.

## 2. Eddembe ly'abakyala ku kusazaamu obufumbo

Etteeka erirambika ebirina okugobererwa singa abafumbo basalawo okwawukana - Divorce Act ly'eteeka erigobererwa wonna mu Uganda. Kkooti yerina okuwa olukusa abafumbo okwawukana oluvanyuma lw'okukakasa nga ddala balina ensonga ematiza. Zino zezimu ku nsonga okusinziira okuweebwa olukusa okwawukana:

### Ensonga eziweesa omukyala olukusa okwawukana ne bba

- \* Singa omwami we akyuusa enzikiriza oba ediini gy'abadde asoma.
- \* Singa kizuulwa nti omwami mufumbo eri omukyala omulala.
- \* Singa kikakasibwa nga ddala omwami yayenda ku w'oluganda lwe.
- \* Singa omwami akwaatibwa mu bwenzi ona n'ekikakasibwa nga yafunayo omukyala omulala.
- \* Singa kizuulwa nga bba akola mukyala we ebikolwa eby'ettima ate nga mwenzi.
- \* Singa omwami ayenda ate nasuulawo n'amaka, emyaka biri okudda waggulu nga tawadde nsonga yonna yabuvunanyizibwa.

*Okusinziira ku katundu 7 mu Maputo protocol: Kikulu nnyo okugoberera enkola eraga obwenkanya singa abafumbo basalawo okwawukana oba okusazaamu obufumbo bwabwe. Era okusobola okutuukiriza kino, balina okusooka okukakasa nga:*

- \* *Olukusa okwawukana oba okusazaamu obufumbo kkooti yokka yerina obuyinza okulugaba*
- \* *Ku bombi omwami n'omukyala buli omu wa ddembe okusaba olukusa luno okwawukana.*

## **Ddi omukyala lwasobola okusaba okusazaamu obufumbo bwe?**

- \* Singa kizuulwa nti mukiseera we bafumbiriganirwa omwami yali tazaala;
- \* Singa kizuulwa nga waliwo oluganda wakati w'omwami n'omukyala oba nga bakika kimu;
- \* Singa kikakasibwa nti mu kiseera webafumbiriganirwa omu ku bo yali atabuse omutwe nga tategeera bulungi;
- \* Singa kikakasibwa ng'omukyala oba omwami owempeta eyasooka akyaliyo mulamu era nga baakakibwa bukakibwa
- \* Singa kikakasibwa nga omu ku bo yakakibwa bukakibwa okuyingira mu bufumbo buno.

## **Ezimu Kkooti mweyinza okugaana omwami n'omukyala okwawukana**

- \* Singa kkooti ekizuula nti omukyala ono omufumbo ate yakwaatibwa mu gw'obwenzi
- \* Singa omukyala alwawo okuwaayo okusaba kwe
- \* Singa omukyala aba nga yanoba dda kyeyagalire okuva ew'omwami we nga okwemulugunya ogw'obwenzi tekunaba kubaawo
- \* Singa omukyala aba nga yalagajjalira omwami nga tanakwatibwa mu gwabwenzi.

## **Okunoba**

Okwawukana era abafumbo kuba kwa lubeerera era kubaawo eri abo ababa bafumbiriganwa mu butongole, so nga ate okunoba ye mwami n'omukyala okwawukana mu ekiseera ekigere. Omwami n'omukyala bayinza okukiriziganya ku kiseera kye balina okumala nga bawukanye oba kkooti okubasalirawo ekiseera kyebanaamala nga buli omu yesonyiye munne singa singa omu ku bo akisaba. Kkooti bweba yesazeewo abagalana okugira nga bawukana ekyo kyetuyita judicial separation

## Okwawukana okwe engeri eno kutegeeza ki?

- \* Okwawukana okwengeri eno kiggyawo erimu kuddembe ly'omwami n'omukyala mu kiseera ekirambikiddwa nga
- \* Eddembe ly'okubeera bombi omwami n'omukyala.
- \* Eddembe okwegatta mu kikulwa eky'obufumbo.
- \* Buli omu kubabadde baagalana bano mu kiseera ekyo aba wa busa
- \* Omwami bwe bawukanye aba tavunanyizibwa kulabirira mukyala eyanoba mu by'ensimbi okujjako nga kyakiriziganyizibwaako mu butongole.

## Obusika kye kki?

Etteeka ku busika liyitibwa SUCCESSION. Omuntu bwafa abaako oyo amusikira (abantu abagabana eby'obugagga bwe) Mu Uganda, etteeka ku busika erya *Succession Act* lirambika bulungi enkola erina okugobererwa ku ngabanya yeb'obugagga by'oyo aba avudde mu bulamu bwensi. (omugenzi).



*“Nnamwandu alina omugabo ogw'amanyi gwalina okufuna ku by'obugagga bba – omugenzi. Ddembe lya nnamwandu okusigala mu nnyumba yabwe awatali kutataaganyibwa kwonna. Wabula kwasalawo okuddamu okufumbirwa, olwo ennyumba agisigala bweba nga ddala yali yiye ku bubwe oba nga yasikira nsikire.*

*Era akatundu aka 21 mu Maputo protocol nga ewandiika ku ddembe ly'obusika - Right to Inheritance kirambikiddwa bulungi nti bombi abassajja n'abakazi ba ddembe okusikira eby'obugagga bya bakadde babwe awatali kusosolwa kwonna.*

## **Ennyumba oba amaka g'abafumbo**

Omugenzi bwaba nga abadde mufumbo amaka gasigala ga nnamwandu / ssemwandu. Buli mwana yenna atanaweza myaka 21 wa ddembe okwegazanyiza mu maka gano awatali kukubwa ku mukono. Amaka gano n'ebigalimu byonna bisigala bikozezebwa ab'omumaka era byo tebigabanyizibwa mu kiraamo.

Singa omugezi aleka abakyala abassukka mu omu, baddembe okusigala mu maka ago. Bwe kiba nga buli omu omugenzi abadde yamuzimbira amaka age njawulo, olwo buli nnamwandu wa ddembe okusigala mu maka oba ennyumba eyamuzimbirwa ne byonna ebigirimu.

## **Ebika by'obusika ebyenjawulo bye biriwa?**

OBULIKO EKIRAAMO: Wano omugenzi aba yaleka ekiraamo. Era mu kiraamo aba yalambika bulungi bwayagala eby'obugagga bwe byonna okukwatibwamu n'okugabanyizibwa singa ava mu bulamu bwensi.

*Mu Maputo protocol Akatundu aka 20 Widow's Rights, koogera ku ddembe ly'aba nnamwandu nga kakirambika nti buli muntu wa ddembe okweyagalira mu ddembe lye ery'obwebange nga agoberera bino wa mmanga*

- \* *Ba nnamwandu tebalina kutyoboolwa, kunyoombwa oba okuyisibwa mu ngeri yonna ey'okubatulugunya*
- \* *Nnamwandu yalina okulabirira n'okukuzza abaana be okujjako nga obuvunanyibwa buno okutwalibwa omuntu omulala kikulweddwa ku lwa bulungi bwa baana.*
- \* *Nnamwandu wa ddembe okuddamu okufumbirwa ate okufumbirwa omuntu ye kennyini gweyesiimidde.*

## **Ani asaana okukola ekiraamo?**

Buli muntu yenna awezezza emyaka 21 kasita aba nga ategeera bulungi asobola okwekolera ekiraamo kye. Kino kitegeeza nti akikola ye kennyini nga yeyagalidde awatali kukakibwa muntu mulala yenna oba okukila nga mulwadde nnyo oba ng'atamidde tategeera bulungi byayogera.

## **Biki ebirina okuba mu Kiraamo?**

- \* Ennaku z'omwezi kwe kyakolerwa.
- \* Omukono oba ekinkumu kyoyo alaama (oyo akola ekiraamo kino)
- \* Omukono oba ebinkumu by'abantu abalala babiri abaaliwo nga abajulizi nga ekiraamo kino kikolebwa. (Bano tebalina kumanya ebyo ebiri munda mu kiraamo era bateekwa kuba abo abatalina mugabo ku byabugagga bwo).

## **Ebitalina kubula mu kiraamo**

Amannya, emyaka, eggwanga lyo, ekifo gyewazaalibwa, ekifo bazadde bo gyebasibuka n'endagiriro ya bakadde booyo akola ekiraamo gye babeera okusobola okwawula oyo alaama ku bantu abalala.

- \* Amannya n'ennau ez'obuzaale eza abaana be babeera nabo wamu nabo beyazaala abbali.

- \* Ennaku z'omwezi ekiraamo kwe kyakolerwa.
- \* Amannya gaabo abalina okugabana ku by'obugagga bwo n'oluganda lw'obalinako.
- \* Ekiwandiiko ekirambika eby'obugagga bwo byonna obunene / obugazi oba bwabyo ne gyebisangibwa.
- \* (Wetegereze: Luno olukalala teruliiko kkomo n'olwekyo kikulu okulaba nga ebintu byo byonna birambikiddwa bulungi mu kiraamo kino).

## **Lwaki kikulu nnyo okukola ekiraamo?**

- \* Kirambika oyo alaama omuntu gweyandyagadde okumusikira.
- \* Kirambika engeri ey'okwaatamu n'okubaganyaamu eby'obugagga byoyo alaama.
- \* Kikuumu eddembe lyabo abalina okusikira ku by'obugagga by'omugenzi.
- \* Kiraga omukuza w'abaaana
- \* Kiraga oyo alina okukola omulimu ogw'okugabanyamu eby'obugagga by'omugenzi nga bwe yeyagalira ye kennyini.
- \* Ssente n'ebintu ebirala omugenzi byeyaleka abanja gw'akwasizza obuvunanyizibwa yavunanyizibwa okuzikungaanya
- \* Buli omu afuna ekyo kennyini kyalina okufuna okusinziira nteekateeka y'omugenzi
- \* Kitaawe w'omwana alina okuba nga ategeerekese bulungi
- \* Buno bujulizi obwenkukunala obuyinza okweyambisibwa mu kkooti
- \* Kiyamba okukola ebintu mu butuufu bwabyo

## EKITUNDU EKY'OKUTAANO

### Eddembe ly'abakyaala kukutulugunjizibwa olwekikula kyabwe

Okutulugunyibwa olw'obutonde oba ekikula kyo (GBV) kikyali kizimu kya mamnyi eri abakyaala mu Uganda. Ekitundu kino kigezaako okujjukiza abakyaala eddembe lyabwe mu bwesimbu, okuweebwa ekitiibwa n'emirembe naddala eddembe lyabwe kulwanyisa engeri yonna ey'okubatulugunya. Kinokolayo enkola n'amatteeka agenjawulo agali ku mutindo gwensi yonna nga gangenderera okukuuma abakyaala eri ebikolwa eby'okubatulugunya.



Okutulugunya kugwa mu biti ng'okukuba empi, okusindika munno, okumukola ebyo ebimuluma omutima, okumubonyabonya okumuvuma n'okwegana. Mu Uganda ekbika ebisinga eby'okutulugunyibwa mulimu okukakibwa okufumbirwa n'okufumbiza abatanetuuka, okukakibwa omukwano, okukaka omukwano abo abatanetuuka mu myaka, okweyisa mu neyisa etali ntuufu n'okukolwako emikolo egimu egy'obuwangwa egivoola edembe ly'abakyala nga okukomola abakyala n'okusikiza ba nnamwandu abassajja abalala. Abakyala ebitundu 43% bafuna ebisago eby'amanyi olw'okutulugunyizibwa olw'ekikula kyabwe.

Wadde nga okutuluunya kukosa bombi abaami n'abakyala, naye ate abakyala be basinga okukosebwa era nga asinga basirika busirisi batono nnyo ku bo abagenda okuyambibwa. Olwo abassajja ne beyambisa omukisa guno okugenda mu maaso nebigolwa eby'okutulugunya eri abakyala. Okunoonyereza okwakolebwa mu ggwanga lyonna kulaga nti ebitundu 59.6% ebya bakyala bakeera okutulugunyizibwa okuviira ddala ku myaka 15 bwo bagerageranya n'abaami abaweza ebitundu 53% of byokka. Era kwalaga nti abakyala abomubyalo bebasinga okutulugunyizibwa bwobagerageranya ne bannabwe abomu bibuga. Gavumenti n'abakyala balina okutuukiriza obuvunayizibwa bwabwe okulwanirira eddembe ly'abakyala nga baatula abo abenyigira mu bikolwa eby'okutulugunya abakyala okusobola okukolwaako ng'amatteeka bwe galagira.

## **Ebika by'okutulugunya mu Uganda.**

1. *Okutulugunyizibwa mu maka wano mu Uganda kyafuuka kyabulijjo omu kubaagalana okutulugunya munne. Kino bakikola nga babakuba, okubabonereza ekisusse ng'okuvuvubwa, okukubwa empi, okusambibwa n'ebikolwa ebirala eby'obukambwe mu maka.*
2. *Okutulugunyizibwa mu by'omukwano nga kino kyeyolekera mu kukakibwa omukwano, abaami okukaka bakyala baabwe okwegatta, okwegatta mu kikolwa eky'obufumbo n'abo abatanetuuka mu myaka (Okukabasanya abaana mu kikolwa eky'obufumbo); okukakibwa mu by'okwegatta, ng'okukwanibwa buli kaseera, abalenzi okubuzaako abaana abobuwala*

*emirembe naddala singa bagaana okwegatta nabo mu kikulwa eky'obufumbo, okukozesa ebigambo n'ebikolwa ebibasenda senda mumukwano, okubakwaatirira ku bitundu byabwe eby'omubiri ebyenjawulo; okufuna embuto nga tebanetuuka, okufumbiziba nga tebanetuuka; okuggyamu embuto n'okukola obwa malaaya.*

3. Okutulugunyizibwa mu ndowooza ne mu by'obwongo: okutulugunyizibwa okwengeri eno kweyolekera mu bigambo ebikozesebwa nga byekuusa ku kikula oba endabika y'omuntu, obusobozi bwe okwegatta mu by'omukwano n'entegeera ye. Okutulugunyizibwa okwengeri eno kulabwa ng'okuleetawo okusosola wakati w'abaana abobuwala n'abobulenzi; abakyala n'abaami; enkola y'obuwangwa obumu nga okuweerera abaana abobuwala, Abazzadde okulagajjalira obuvunanyizibwa; okukozesa omwenge nebiragala lagala ebirala; obukyaafu n'okukozesa olulimi oluwemula.

### **Ebituufu abakyala byebalina okumanya ku kutulugunyibwa olwekikulakyo kyabwe.**

- \* Abakyala okutulugunyizibwa kibaviiramu tekikosa bulamu bwabwe kyokka naye kizingamy nebyenkulakulana by'abakyala.
- \* Abatulugunya abakyala ebitundu ebisoba mu 80% baba bagalwa baabwe.
- \* Ebitundu 50.4% ebyaboabo abatulugunya abakyala mu kiseera kino baba baami oba ba bba baabwe
- \* Ebitundu 17.9% ebyabo abatulugunya abakyala baaliko abaami baabo be batulugunya,
- \* Ebitundu 12% ebyabo abatulugunya abakyala baba baggya baba nnyaambwe oba ba bba baba nyaabwe abatali bakitaabwe.
- \* Ebitundu 13.2% baba baganda baawe
- \* Ebitundu 11.1% baba banyinaabwe.

## Obukuumi kukutulugunyizibwa olwekikula kyo

Uganda yassa omukono ku ndagaano ezenjawulo wano ku ssemazinga n'ezensi yonna:

- \* Okukuuma eddembe lya buli muntu ery'obwebange –Buli mukyala wa ddembe okulaba nga eddembe lye ery'obwebange likuumibwa. Okuweebwa ekitiibwa ng'omuntu n'okwekulakulanya.
- \* Okukuuma ekitiibwa ky'abakyala n'okukuumibwa eri ebikolwa eby'obukambwe oba engeri yonna endala ey'okutulugunyizibwa.
- \* Okumalawo ebikolwa byonna eby'obulabe eri abakyala – Ssematteeka wa Uganda amatteeka gonna, enkola y'obuwangwa oba enzikiriza zonna ezinafuna n'okutyoboola eddembe ly'abakyala.
- \* Uganda kigikakatako oku:
  - (a) Okuzuula byonna ebivaako okutulugunyizibwa;
  - (b) Okubaga n'okugoberera enkola zonna era n'okubonereza bonna abatutulugunya abakyala mu ngeri ezenjawulo
  - (c) N'okukiteekateeka mu mbalirira yaayo okubangula abantu, okusomesa n'okuzzaawo oba okubudaabudamu abo ababa batusiidwaako obuvune olw'okutulugunyizibwa.

### Gavumenti ya Uganda kiki kyekoze okukuuma abakyala obutatutulugunyizibwa

- \* Ssematteeka awa obukuumi buli muntu okweyagalira mu ddembe lye si nsonga oba mussajja oba mukazi.
- \* Akatundu aka 44 aka ssemateeka kakugira engeri yonna ey'okutulugunya omuntu, ebikolwa ebyettima n'ebyo ebityoboola eddembe ly'omuntu.
- \* Enkola zonna ez'obuwangwa oba enzikiriza ezenjawulo ezityoboola eddembe n'okwekulakulanya kwa bakyala ssematteeka azikugira.
- \* Etteeka lya Domestic Violence Act erye 2010 liwa abakyala n'abaami obuweerero ku kututulugunyizibwa okwenjawulo nga linonereza abo abatutulugunya banaannwe.

## **Singa oba otulugunyizibwa funa okuyambibwa okuva eri:**

- \* Abakadde
- \* Kkooti z'ebyaalo
- \* Abakulu b'amadiini
- \* Poliisi
- \* Kkooti ezabulijjo okusobola okufuna okusobola okufuna obuyambi okuva ew'Omulamuzi.

## **Ekiragiro kya kkooti okuweebwa obukuumi (Protection Order) kitegeeza ki?**

Ekiragiro kino kikugira oyo abadde otulugunya munne okuddamu wadde okutiisatiisa oba okusemberera oyo gw'abadde atulugunya.

## **Obuvunanyizibwa n'omulimu ggwa aba Poliisi**

Omuntu atulugunyizibwa olw'ekikula kye bwa awaaba aba anoonya bwenkanya okuva ku poliisi:

- \* Bawabula oyo atulugunyizibwa ekifo wasobola okukuumibwa awatali kutulugunyizibwa;
- \* Okukakasa nga oyo atulugunyiziddwa atwalibwa mu ddwaliro nakeberebwa mu bwangu ddala okusobola okufuna obujulizi oba okukakafu;
- \* Bawa amagezi oyo aba atulugunyiziddwa okukikola mu buwandiike oba okuwandiika sitatimenta.
- \* Omu ku ba poliisi naye akola sitatimenta nga akaatiriza ebyo byalabye ne byawulidde nga ono kyandibadde kirungi naaba wa kikula kye kimu noyo aba atulugunyiziddwa.
- \* Okuwabula abantu ku by'amatteeka
- \* Okuwa obukuumi abo ababa batulugunyizibwa okuva ku oyo abatulugumya.

## Okutulugunyizibwa kwekuusa kutya ku kawuka akaleeta obulwadde bwa siriimu?

- \* Bangi ku baagalana abalina akawuka kano batya okukyaatulira abagalwa baabwe olw'okutya okunenyezebwa n'ebikolwa eby'obukambwe okuva eri abagalwa baabwe.
- \* Singa omwagalwa wo aba n'akawuka aka siriimu ate nga yenyigira mu bikolwa eby'okutulugunya kiba kizibu okukkaanya ku ngeri y'okukuumamu obutakusiiga kawuka ka siriimu.
- \* Oyo aba alina akawuka kano akasiriimu kiba kyangu okutulugunyibwa omwagalwa we mu ndowooza n'engeri endala ezenjawulo.
- \* Omukyala akakiddwa okwegatta mu kikulwa eky'obufumbo n'omuwalu akakiddwa omukwano nga tanetuuka kibateeka mu katyabaga k'okufuna obulwadde bwa siriimu.
- \* Abassajja abamu olufuna akawuka ka siriimu bakasiiga bangi mu kwesasuzza.
- \* Okukakibwa okwegatta mu kikulwa eky'obufumbo nga temukozesezza kapiira kyongerera emikisa gyo okufuna akawuka ka siriimu.

## EKITUNDU EKYO MUKAAGA

### Eddembe lyo ku by'obulamu

Ekgendererwa mu kitundu kino kwekubangula abakyala ku ddembe lyabwe eri eby'obulamu okusobola okutuukiriza enteekateeka ya Millennium Development goal 5: ekwaata ku **Ku kukendeeza omuwendo gwaba maama abafiira mu sanya** (*Maternal Mortality*). Maternal Mortality kitegeeza omukyala okufa nga ali lubuto oba ng'azaala.

Okuba n'obulamu obulungi kitegeeza omuntu okubeera nga mulamu bulungi mu mbeera zonna ez'obulamu nga omubiri gwe, eby'obwongo n'engeri zonna omubiri gwe gyagukolamu. Mu Uganda abantu ebitundu 71% bebasobola okufuna obujanjabi; kino kitegeeza nti buli dokita avunanyibwa ku balwadde 25,000



Buli omu wa ddembe okweyagalira mu mbeera y'obulamu ennungi. Ekibiina ekirafuubanira eddembe lya abakyalala ekya *African Protocol on Women's Rights* kikirambika bulungi nti “*kikulu nnyo okukuuma n'okutumbula eddembe ly'abakyalala ku by'obulamu*”.

Bino byonna by'ongera kukakasa nti okussa essira mu ddembe n'ebiyobulamu bwa bakyalala kikulu nnyo mu byenkulakulana bye ggwanga.

Kimanyiddwa munsu yonna nti eby'obulamu byeggwanga okuba ku mutindo ogwa wansi ennyo kirina kinene gyekikosaamu omwenkanonkano n'okusosolwa olw;ekikulakyo mu ngeri gy'olina okufunamu obujanjabi.

N'olwekyo enkola eruubirira okutumbula eddembe ly'abakyalala erina okutekebwa mu nkola okusobola okuyamba abakyalala okweyagalira mu ddembe lyabwe. Kikulu nnyo abakyalala mu Uganda okutegeera eddembe lyabwe eri eby'obulamu mu ggwanga nensi yonna okutwaalira awamu.

## 1. Eby'obulamu ku by'okuzaala

Abakyala balina bingi bye betaaga eri obulamu bwabwe okusobola okutuukiriza obuvunanyizibwa bwabwe ku by'okuzaala. Minsi yonna abakyala n'abawala abasukka mu 500,000 bafa olwobuzibu obwekuusa ku mbuto oba nga bazaala. Mu Uganda omuwendo gwabo abafiira mu sanya guli 435 ku buli 100,000 abazaalibwa.

Guno omuwendo guli waggulu nnyo

*Kirambikiddwa bulungi mu Maputo protocol Akatundu aka 14 nti eddembe ly'abakyala ku by'obulamu saako eby'okwegatta mu by'omukwano n'okuzaala lirina okuyeekebwa mu nkola, era lino litwaaliramu*

- \* *Eddembe okwekuuma okuzaala*
- \* *Eddembe okusalawo okuzaala oba nedda ne bbanga ery'okumala nga tonazza ku buli mwana azaalibwa.*
- \* *Eddembe okwekuuma naddala eri eddwadde ezekikaba nga obulwadde bwa sirimu.*
- \* *Eddembe okutegezebwa omwagalwa wo bwayimiridde mu byakawuka nendwadde endala ezekikaba.*

### **Ba maama n'abaana bafa nga bakyali mbuto n'abalala okufiira mu sanya kubanga...**

- \* Abakyala obutamanya ddembe lyabwe ku by'obulamu n'ekyetaagisa
- \* Abakyala nabebganda zaabwe okulemererwa okusalawo okunoonya obuyambi ku by'obulamu.
- \* Obuwangwa obumu bukugira abakyala okunoonya obujanjabi.
- \* Abakyala abali embuto nabo abalumwa okuzaala okulemererwa okufuna obujanjabi mu kiseera we baba babwetaagira nga kino oluusi kiva ku malwaliro okuba ewala, enguudo embi n'obutaba na mpuliziganya, entambula embi n'okulemererwa okusasulira entambula.

- \* Okulwaawo okuyambibwa nga batuuse mu ddwaliro
- \* Abasawo obutaba betegefu kuduukirira bakyala bano mu bwangu nga abo ababa n'embuto ezigenze mu nseke, nga kino kikulu nnyo era nga kisalawo oba nga maama w'omwana n'omwana basimattuka okufa.
- \* Obutaba na basawo batendeke kimala, ne bbula ly'eddagala eryetaagibwa ku mitendera gyonna nga akyali lubuto ne mukiseera nga amaze okuzaala naddala mu health center II ne II.

*Kirambikiddwa mu CEDAW, nti kikulu nnyo okwewala okusosola abakyala mu by'obulamu wabula okufuba okulaba nga abakyala n'abaami bayambibwa kyenkanyi wamu naabo abakozesa enkola eyentegeka y'ezzadde.*

*Kyongerera ne kigamba nti walina okubagibwawo enkola okufuba okulaba nga abakyala abali embuto nabo abakamala okuzaala bafuna obujjanjabi obwobwereere wekyetetaagisiza, n'okulya obulungi nga bali mbuto ne mu kiseera nga bakamala okuzaala.*

## **Eddembe ly'abakyala ku by'okuzaala**

- \* Eddembe okukozesa enkola ey'entegeka y'ezzadde, okubudaabudibwa nga bali mbuto ne mukiseera nga bakamala okuzaala
- \* Eddembe okulabirirwa okuzaala obulungi
- \* Eddembe okujanjabibwa endwadde zonna na ddala ezo ez'ekuusa ku bitundu byabwe ebizala
- \* Eddembe ly'abakyala okuweebwa obujanjabi ku byakawuka akaleeta obulwadde bwa siriimu, kokoolo ow'amabeere n'obugumba.
- \* Abakyala ba ddembe okwerwanakomu mbuga z'amatteeka singa bawummuzibwa ku mirimu nga balangwa obutasobola kutuukiriza mirimu gyabwe olwokuba olubuto oba okuba mu kiseera webetaagira okuwummulamu emirimu ( leave)

- \* Ddembe lya bakyala abembuto abatuuse okusumulukuka okuweebwa ennaku ezo okuwmmula ku mirimu gyaabwe ezitakka wansi wa nkaaga<sup>5</sup>. Era abakyala balina okusasulwa omusaala gwabwe n'okuganyulwa kyenkanyi nga abalala nga bali mu nnaku zaabwe zino ez'okuwummula.
- \* Eddembe okufuna obujanjabi kyenkanyi ng'abaami
- \* Eddembe lyabwe obutakomolebwa (FGM) n'enkola endala ez'obuwangwa ez'obulabe eri abakyala.

*Era kirambikiddwa mu Maputo protocol akatundu ake 14 nti walina okubagibwawo enkola okulaba nga:*

- \* *Abakyala basobola okwetusaako obujanjabi, okusomesebwa n'okubangulwa ku nteekateeka z'abakyala zonna na ddala mu bitundu ebye byalo*
- \* *Okuteekawo ebiggya n'okwongera amanyi mu ebyo ebiriwo webasobolera okufunira obuyambi nga bali mbuto, nga bamaze okuzaala nokuliisibwa obulungi naddala nga bayonsa*
- \* *Okukuuma eddembe ly'abakyala ery'okuzaala nga bakirizibwa mu butongole okuggyamu olubuto nga ayambibwako abasawo abatendeke singa aba akabasanyiziddwa mu by'omukwano, akakiddwa okwegatta, singa yegatta mu by'omukwano n'owoluganda lwe, oba nga okwongera okumuleka okuzaala kyandi muvirako ye n'omwana obuzibu nga kiteeka obulamu bwabwe mu katyabaga.*

## **2. Ebyobulamu ku kwegatta n'akawuka akaleeta obulwadde bwa siriimu**

Abakyala be basinga okukosebwa obulwadde bwa siriimu, era nga ebitundu bawereza ddala 59% ebyabo abalina obulwadde buno nabo abafiiriddwa abantu babwe olwobulwadde bwa siriimu. Obulwadde bwa siriimu bukosa abakyala mu mbeera zonna ez'obulamu bwabwe gamba nga embeera y'ebyenfuna, bo ng'abantu nenkolagana n'abantu abalala ku mitendera egyenjawulo. Wadde nga mu Uganda omuwendo

<sup>5</sup> Section 56(1) Employment Act

<sup>6</sup> Uganda's widespread "ABC" prevention formula – standing for Abstinence, Be Faithful and use Condoms has been widely accredited with lowering the nation's HIV/AIDS infection rate



gwabo abalina obulwadde buno<sup>6</sup> gugenze gukendeera olwa kawefube owenjawulo akoledwa, abakyala bangi bakyalai mu katyabaka k'okufuna akawuka kano akaleeta obulwadde bwa siriimu. So nga tulina okukijjukira nti wadde nga bangi abasobodde okutaasibwa okufuna akawuka kano, obulwadde buno bukyatugumbula abantu bayitirivu mu ggwanga.

### **Okusomoozebwa abakyala kwebasanga olw'obulwadde bwa Siriimu**

- \* Olwekikula ky'abakyala n'engeri gyebayisibwaamu, bangi ku bo batya okwerwanako nga bakaanya nabo bebaba bagenda okwegatta nabo okulba nga tebasiigibwa bulwadde.
- \* Obulwadde bwa sirimu buli ebitudu 10% mu bafumbo abakyali abato mu myaka bwobagerageranya<sup>7</sup> ne bannabwe

<sup>7</sup> [www.womensphere.wordpress.com](http://www.womensphere.wordpress.com) online gender orientated blog

abatali bafumbo olw'ababaami baabwe okwegattanga nabo nga ate tabakozesezza na bupiira ekiteeka abakayala mu katyababaga k'okufuna obulwadde bwa siriimu.

- \* Enkola mu buwangwa obumu ng'okukomola abakyala, okufumbiza abawala abatanetuuka, okubakabasanya mu by'omukano, okunyangako nnamwandu eby'obugagga byonna n'engeri endala ezibateeka mu katyabaga k'okufuna obulwadde bwa siriimu.
- \* Okukaluubirizibwa mu kufuna obujanjabi nakyo kiteeka obulamu bwabwe mu katyabaga k'okufuna obulwadde bwa siriimu.
- \* Okusosolwa n'okuboola abo abalina obulwadde bwa siriimu ebiriwo leero mu bantu bitiisa abakyala abalwadde okugenda mu ma lwaliro okufuna obujanjabi.
- \* Abakyala tebasobola kwetusaako ddagala lya ARV's olwengendo empanvu zebalina okutambula okugenda mu malwaliro.
- \* Obutamanya nti waliwo eddagala lya Anti-Retro Virals (ARVs eriweeweza ku bulwadde bwa siriimu.
- \* Abaami abamu balemesa bakyala baabwe okunywa eddagala lya ARVs

## EKITUNDU EKYOMUSANVU

### Eddembe ly'abakyala abalina obulemo ku mibiri gyaabwe

Abakyala abalina obulemo ku mibiri gyabwe be bantu abasinga okuba mu katyabaga ko kunyigirizibwa. Abakyala bano abalina obulemo ku mibiri gyabwe ba ddembe okweyagalira mu ddembe lyabwe ng'abantu abalala awatali kusosolebwa. Waliwo enkola n'amatteeka age ggwanga wamu naago agali ku mutindo gwensi yonna agakuuma n'okutumbula eddembe ly'abakyala abalina obulemo ku mibiri gyaabwe.



Abakyala abalina obulemo ku mibiri gyabwe nabo basobola era bandyagadde okubaako ne kyebakola okwekulakulanya n'okukulakulanya eggwanga. Kino okutuukirira abakyala nga bano okusobola okwegazanyiza mu ddembe lyabwe lino kyetaagisa okukunga n'okubangula bantu abalina obulemo ku mibiri gyabwe (PWDs) ku ddembe lyabwe ery'obwebange.

*Wansi w'akatundu akogera ku ddembe lyabo abalina obulemo ku mibiri gyabwe aka Special Protection of Women with Disabilities Akatundu ake 23 mu Maputo protocol, kalabino wa mmanga ebirina okukolebwa;*

\* *Okufuba okulaba nga abakyala abalina obulemo ku mibiri gyabwe nabo beyagalira kyenkanyi mu ddembe ly'okutendekebwa, okuweebwa emirimu n'okusalirawo eggwanga ku bintu ebyenjawulo.*

\* *Okufuba okulaba nga abakyala bano abaliko obulemo ku mibiri gyabwe beyagalira mu ddembe lyabwe awatali ngeri yonna yakutulugunyizibwa nga okukabasanyibwa mu by'omukwano, okusosolwa olw'ekikula kyabwe n'okuweebwa ekitiibwa ng'abantu abalala.*

## **Okusomoozebwa abakyala abalina obulemo ku mibiri gyabwe**

1. Abakyala abalina okulemo ku mibiri gyabwe ate bo emirundi gye basosolebwa gikubisibwaamu emirundi esatu ng'okusooka byonna ekikula oba obutonde bwabwe, obulemo ku mibiri gyabwe n'ekyokuba abaavu.
2. Bangi ku bakyala bano abalina obulemo ku mibiri gyabwe tebasobola kwemalirira kweyimirizaawo bwe batyo ne baba nga babeerawo ku lw'abalala.
3. Obwaavu ate bo bubayisa bubi nnyo.
4. Abasinga tebafuna mukisa kusoma oba okutendekebwa.
5. Ensonga zaabwe tezitwaalibwa nga nkulu era n'eddembe lyabwe teribaweebwa.
6. Okunoonyerereza okwakolebwa mu Uganda kulaga nti, ebitundu 50% ebyabakyala abaliko obulemo ku mibiri gyabwe ate bo engeri gyebakabasanyizibwa mu by'omukwano ekubisaamu emirundi ebiri miramba bw'obagerageranya ne bannaabwe abatalina bulemo ku mibiri gyabwe
7. Abassajja ate abesobola bafunyisa embuto abakyala bano abalina obulemo ku mibiri gyabwe kyokka nebabalekera obuvunanyizibwa okwerabirira n'okulabirira n'abaana bebaba babazaddemu.

### **Eddembe ly'abantu abaliko obulemo ku mibiri gyabwe**

- \* Abantu abaliko obulemo ku mibiri gyabwe (PWDs) ba ddembe okubeera mu bulamu obulungi n'okubweyagairamu wamu n'abomumaka gaabwe.
- \* Ba ddembe okuweebwa obukuumi n'okuyambibwa olw'obulemo ku mibiri gyabwe.
- \* Ba ddembe okuweebwa ekitiibwa nga abantu abalala bonna.
- \* Ssematteeka wa Uganda Akatundu aka 35 kakugira engeri yonna ey'okuboola oba okusosola abantu abalina obulemo ku mibiri gyabwe.

- \* Akatundu akakwaata ku bantu abalina obulemo ku mibiri gyaabwe - Persons with Disabilities Act, 2006 kalambika eddembe ly'okuweebwa omukisa gwonna ogubaawo kyenkanyi
- \* Eddembe okusalirwaako ku musolo ebitundu 15% eri omukozesa yenna (atalina bulemo ku mubiri gwe) akozesa abantu abalina obulemo ku mibiri gyabwe abasukka mu kkumi ng'abakozi be ab'olulango.
- \* Eddembe okukiikirirwa ku mitenderwa egyenjawulo, kubukiiko obwe abaami b'ekyalo ne mu lukiiko olukulu olwe ggwanga (parliament).
- \* Okusenziira ku tteeka erikwaata ku kuliirira abakozi erya Workmen's compensation Act, Abakozesa bavunanyizibwa okusasulira omukozi yenna yenna singa afunira akabenje oba obulemo ku mulimu.
- \* Eddembe ly'okuweebwa omukisa gw'okusoma oba okutendekebwa awatali kusosolebwa.

## Okuwumbawumba.

Okubangula abakyala ku ddembe lyabwe ery'obwebange kiyamba kinene mu kugaziya endowooza zaabwe n'eddembe lyabwe okwesalirawo ku bintu ebyenjawulo. Era okusobola okutuuka ku nkulakulana eyawamu kyetaagisa okuddamu okulowooza ku bakyala bano okwenyigiramu butereevu okuva lwekiri nti bebasinga n'obungi mu Uganda. N'olwekyo kikulu nnyo okwongera abaana abobuwala n'abakyala amanyi n'obusobozi okwesalirawo bulijjo okwegazanyiza n'okweyagalira mu ddembe lyabwe nga bwe guli ku bassajja. Ekitabo kino kya kweyambisibwa okubangula abakyala okusobola okutegeera eddembe lyabwe ery'obwebange lye balina okweyagaliramu ng'abantu abalala.

*Mu bufunze, Maputo protocol erambika eddembe ly'abakyala ku ssemazinga wa Afirika nga bwe lizze lirambikibwa waggulu nga muno mulimu; eddembe lyabwe okuweebwa ekitiibwa, eddembe ly'abakyala ku by'obulamu, eddembe okuweebwa obukluumi n'obwenkanya, okukomya ebikola ebityoboola eddembe ly'abakyala, eddembe okuweebwa obwenkanya eri amateeka, eddembe okulekebwa okweyagalira mu eddembe lyabwe, okukuuma abakyala singa wa baawo obutakkaanya obulimu n'okukozesa eby'okulwanyisa, eddembe okuba n'awokusula awasaana, eddembe okwekulakulanya bulijjo, eddembe ly'okulabirirwa okwejawulo eri abakyala abakaddiye mu myaka n'abakyala ababa bali mu kubobonaabona oba obuzibu obwenjawlo.*

*Protocol eno era eraga etteeka erirambika engeri y'okutuukirizaamu kino, okulondoola engeri gye kicolamu, okukinyonyola, okukikakasa n'okukissaako omukono, engeri y'okukozesaamu amanyi oba obuyinza n'engeri gye kisobola okuzibwamu obuggya.*

## **Ebyeyambisiddwa:**

Women's World No. 41/2007, In Search of Peace and Human Security. Isis-WICCE, Uganda

Guidelines for Mainstreaming in Reproductive Health, Feb 2007, Ministry of Gender, Labor and Social Development. GOU-UNFPA, Gender Mainstreaming Project

The National Reproductive Health Policy

Poverty Eradication Action Plan 2004/05-2007/08 GOU

Gender Analysis in Health: a review of selected tools. World Health Organization Geneva, Switzerland (2002)

Gender Equality as Smart Economics-A World Bank Action Plan

Counting the human rights costs of the September 2009 riots in Uganda, Human Rights Network-Uganda Feb 2010

A Gender Analysis of the Health Sector Strategic Plan (HSSP II) Ministry of Gender, Labor and Social Development GOU-UNFPA, Gender Mainstreaming Project Feb 2007

The Dynamics of Gender and Class in Uganda, (2006), Kanya Agnes

Strengthening Linkages between Poverty and Gender Analysis in Uganda Final Report, August 2004, Nordic Consulting Group

Advocating for Women's Rights; Experiences from Solidarity for African Women's Rights Coalition, Roselyn Musa and Bassey Edeme

Amnesty International (2006). A guide to The African Charter on Human and Peoples' Rights. Amnesty International

Ebuke, K.S. (2006), Considering the Protocol on the Rights of Women in Africa, Africa Insight, 36(1)

UN-HABITAT, Challenges in the implementation of Women's Human Rights: Field Perspectives Conference Paper: The Winners and Losers from Rights Based Approaches to development, February 2005

Words to Action: Newsletter on violence against women January 2010 Issue No. 6. United Nations.

Women's Rights to Land and Property, Marjolein Benschop, Legal Officer, Land & Tenure Section, Resource manual; FIDA-U and Plan International

# **EBIGATTIDWAAKO**

**AMATTEKA AMALONGOOSEMU AGALAGA AGAGOBBERERWA  
MUNSI YONNA OKWEKUUMA N'OKUMALAWO ENGERI ZONNA  
EZIBOOLA OBA OKUSOSOLA ABAKYALA**

## **EKITUNDU 1: OKUNYONYOLA AMAKULU AGALI MU KUSOSOLEBWA**

Okusobola okuggyayo amakulu n'ekiruubirirwa, "okusosola abakyala olw'ekikula kyabwe" kijja kutegeza engeri yonna ey'okusukkulumya, okulekebwa ebbali oba okulemesebwa kwonna okwesigamizibwa ku kikula ky'omuntu n'ekigendererwa eky'okunafuya, okulemesa abakyala okweyagalira mu ddembe lyabwe babe bafumbo oba sibafumbo, okusinziira ku bwenkaya wakati w'abaami n'abakyala, eddembe lyabwe ery'obwebange mu by'obufuzi, ebyenfuna, eby'obulamu obwabulijjo, eby'obuwangwa, n'embeera endala ez'obulamu.

## **EKITUNDU 2: OBUVUNANYIZIBWA BWA GAVUMENTI OKUMALAWO OKUSOSOLA MU BANTU**

Ekitundu kino kinenya engeri yonna egenderera okusosola abakyala, era kikiriziganya n'okubagawo enkola eyamangu okumalirawo ddala okusola abakyala.

## **EKITUNDU 3: OKUGENDA MU MAASO N'ENKULAKULANA Y'ABAKYALA**

Ekitundu kino kitwaaliramu engeri ez'enjawulo, naddala ez'ebyobufuzi, ez'embeera y'abantu eyabulijjo, ey'ebyenfuna n'eby'obuwangwa, n'engeri endala ezenjawulo omuli ne mukubaga amatteeka okufuba okulaba nga abakyala bagenda mu maaso n'okwekulakulanya, basobole okweyagala n'okwegazanyiza mu ddembe lyabwe ery'obwebange n'okunyweeza enkola ey'omwenkanonkano.

#### **EKITUNDU 4: OKUTEEKA MU NKOLA ENKOLA EY'OMWENKANO**

Ekitundu kino kirambika enkola ezenjawulo ez'ekiseera ezetaagibwa okubagibwawo mu bwangu okusobola okuteeka mu nkola enkola ey'omwenkanonkano. Era zino teziibenga zalubeerera, enkola ey'omwenkanonkano olumala okubukala nga enkola zino zikomezebwa.

#### **EKITUNDU 5: OKUMALAWO OKUSOSOLEBWA**

Ekitundu kino kikirambika bulungi nti kyansonga okuteeka mu nkola enkola

- (a) Ezikyuusa engeri abakyala n'abaami gyebatwalibwamu nga abenjawulo mu by'obuwangwa n'embeera eza bulijjo okusobola okumalirawo ddala enkola esukkulumya abaami ku bakyala;
- (b) Okukakasa nga ddala abomumaka bonna babangulwa okukiteera nti okulabirira n'okukuza abaana buvunanyizibwa bwabwe bombi omwami n'omukyala era nga mu kukola kino ebyetaago by'abaana birina okuweebwa ekifo kya ku mwanjo mu mbeera zonna.

#### **EKITUNDU 6: OKUNAFUYA N'OKUKABASANYA ABAKYALA**

Ekitundu kino kirambika okuteeka mu nkola enkola enkola, omuli n'okubaga amatteeka ekola zonna ezinafuya n'okukabasanya abakyala.

#### **EKITUNDU 7: EDDEMBE MU BY'OBUFUZI N'OBULAMU OBWABULIJJO**

Ekintu kirambika okubagawo enkola ennungamu egenderera okumalirawo ddala okusosola abakyala mu by'obufuzi n'obulamu obwabulijjo, naddala okukakasa nga abaami n'abakyala bayisibwa kyenkanyi mu:

- (a) Mu kulonda kwonna n'okulondebwa n'okulondebwa mu bifo ebyenjawulo mu ggwanga;
- (b) Okwenyigira obutereevu mu kubaga n'okuteeka mu nkola amatteeka saako okuwebwa obuvunanyizibwa mu bifo ebyenjawulo mu gavumenti ku mitendera egyenjawulo okubiddukanya;

- (c) Okwenyigira mu bitongole eby'obwa nnakyeewa n'ebibiina ebyenjawulo ebikola emirimu egyenjawulo mu bulamu obwabulijjo n'ebyobufuzi mu ggwanga.

## **EKITUNDU 8: OKUKIIRIRWA KYENKANYI MU GAVUMENTI**

Okufuba okulaba nga abakyala n'abaami bakiikirirwa kyenkanyi mu gavumenti mu bifo ebyenjawulo ku mitendera gyonna negiri ku mutindo gwensi yonna awatali kusosola bakyala mu geri uonna.

## **EKITUNDU 9: OBUWANGWA / OBUTUUZE**

1. Mu kitundu kino kirambikiddwa nti abakyala baddembe okusigaza oba okukyuusa obutuuzze bwabwe nga ba nnansi. Nebwe kiba ntia fumbiddwa omussajja owensi endala tekimufula kufuuka wa ggwanga oba nsi ndala gy'atesiimidde oba okutwalibwa ng'atali mu nnansi oba okukakibwa okufuuka mu nnansi we ggwanga ery'omwami gw'aba afumbiddwa.
2. Abakyala n'abaami bombi ba ddembe era bavunanyizibwa kyenkanyi ku buwangwa bwa abaana baabwe.

## **EKITUNDU 10: EBYENJIGIRIZA**

Ekitundu kino kirambika obwetaavu okubaga enkola emalirawo ddala okusosola n'okunafuya abakyala mu by'enjigiriza, n'okuleetawo omwenkanonkano, ng'abayizi abebikula byombi baweebwa omukisa gwegumu okubangulwa mu bye mirimu, enjigiriza yeemu, ebibuuzo bye bimu, abasomesa bebamu n'ebikosesebwa mu kusomesa nga bya mutindo gwe gumu, nga baweebwa omukisa gwe gumu okuganyulwa mu mukisa ogubaawo okuweererwa oba okuyambibwaako okusasulirwa ebisale, n'okuwebwa omukisa gwe gumu mu kweyongerayo okusoma.

## **EKITUNDU 11: EBYEMIRIMU**

Ekitundu kino kirambika bulungi ensonga y'okuteeka mu nkola emalirawo ddala engeri yonna esosola abakyala mu bye mirimu n'okukakasa nga ddala abasajja n'abakazi bombi eddembe ly'okukola n'okuwebwa emirimu balyenkanya. Eddembe okukola, eddembe

okwesalirawo omulimu ogw'okukola, eddembe okukuzibwa ku mulimu, eddembe okukakasibwa n'okunywezebwa ku mulimu n'ebyonna omukozi byalina okuganyulwa ku mulimu, eddembe okwongerwa obubangulwa mu bye mirimu n'okuyigirizibwa okulala okwenjawulo.

## **EKITUNDU 12: OBWENKANYA MU BY'OBULAMU**

1. Kyansonga okuteeka mu nkola enkola emalawo engri yonna esosola abakyala mu by'obulamu okukakasa nga ddala abakyala n'abaami bonna beyagalira kyenkanyi mu ddembe ly'eby'obulamu nga mw'otwalidde n'ebyentegeka ye'ezzade.
2. Era nga bw kyanokoddayo mu kitundu ekyasoose wa ggulu, abakyala abali embuto balina okulabirirwa obulungi n'okujanjabibwa ne mu kiseera nga bakamala okuzaala nga bayonsa abaana babwe, era nga obujanjabi bulina kuba bwabwereere okugyako nga tekyebeereka.

## **EKITUNDU 13: EBY'ENFUNA N'EBY'OBULAMU OBWABULIJJO**

Okuteeka mu nkola enkola emalawo okusosola abakyala mu byenfuna n'obulamu obwabulijjo, okukakasa nga abassajja n'akazi baganyulwa kyenkanyi, na ddala ku ddembe lyambe mu maka, eddembe lyabwe okwewola mu banka, eddembe okwegulira amayumba n'okugasasula mu bitundutundu, eddembe okwesanyusa n'okwetaba mu byemizannyo n'engeri endala ezenjawulo.

## **EKITUNDU 14: ABAKYALA ABOMUBYALO**

1. Okufuba okufaayo ennyo ku bizibu by'omukyalo ow'omukyalo kuba bakola kinenen mu kuyimirizaawo amaka gaabwe nga mwogasse n'okukola emirmu egitasasulwa n'okufuba okulab nga tebalekebwa bweru mu nkola eno.
2. Okufuba okumalawo okusosolwa n'okunyigirizibwa abakyala abomubyalo kwebayitamu, okufuba okutumbula enkola ey'omwenkanonkano gye bali n'okuwa abakyala abo omukisa okwenyigira butereevu mu by'enkulakula n'okuteekerateekera eggwanga ku mitendera egyenjawulo, okufuna obujanjabi, okubangulwa, okubudaabudibwa ku by'entegeka yezzade, n'okuganyulwa butereevu mu ngeri ez'okwekulakulanya.

## **EKITUNDU 15: OBWENKANYA ERI ABAAMI N'ABAKYALA WANSI W'AMATTEKA**

1. Abakyalala n'abaami balina okutwalirwa kyenkanyi kuba ku bombi teri ali waggulu wa matteeka.
2. Okutwala abakyalala ku mutendera gwe gumu n'abaami mu mbuga z'amatteeka n'okuwebwa omukisa gwe gumu okwewozaako. Naddala okuweebwa eddembe lyabwe ery'obwebange okwesalirawo ku bintu byabwe n'oyisibwa ekyenkanyi mu mbuga z'amatteeka nga kkooti.

## **EKITUNDU 16: OMWENKANONKANO MU BUFUMBO NE MUMAKA**

Okuteeka mu nkola enkola ennungamu okusobola okumalirawo ddala okusosola abakyalala mu bufumbo ne mu maka era okufuba okulaba nga omwenkanonkano gubukala wonna: nga abaami n'abakyalala eddembe balyenkanya okwesalirawo ekiseera mwe balina okutandikira amaka, okwerondera omubeezi ye kenyini gwe yesiimidde, okuvunanyizibwa kyenkanyi mu maka ne bwekuba kusazaamu bufumbo bwabwe, okuvunanyizibwa kyenkanyi ng'abazadde n'okusalawo ensonga ezenjawulo eri abaana baabwe.

## **MAPUTO PROTOCOL ENONGOOSEMU**

### **Ekitundu 1: Ebinyonyola**

Mu protocol eno eriwo kati, "African Charter" etegeeza African Charter on Human and Peoples' Rights ate "African Commission" etegeeza African Commission on Human and Peoples' Rights.

### **Ekitundu 2: Okumalawo okusosola abakyalala**

Amawanga gonna okumalawo enkola zonna ezisosola abakyalala mu bitongole ebyenjawulo. Kino kitwaliramu Ssematteeka w'eggwanga n'ebitongole ebirala eby'amatteeka okukakasa nga ddala wabaawo omwenkanonkano wakati w'abaami n'abakyalala era nga bonna baddembe okwenyigira mu kubaga amatteeka n'okusalawo okwenjawulo mu ggwanga.

### **Ekitundu 3: Eddembe okussibwamu ekitiibwa**

Buli mukyala wa ddembe okuweebwa ekitiibwa n'okweyagalira mu ddembe lye ery'obwebange eryenjawulo.

### **Ekitundu 4: Eddembe ku by'obulamu, amazima n'obukuumi eri omuntu owabulijjo**

Buli mukyala wa ddembe okuweebwa ekitiibwa n'obukuumi obwenjawulo. Enkola zonna ezityoboola eddembe ly'abakyala zirina okukomezebwa

### **Ekitundu 5: okusanyawo enkola zonna e'zobulabe**

Amawanga gonna kigakako okukomya ebikolwa byonna eby'obulabe eri abakyalera ebityoboola eddembe ly'abakyala ery'enjawulo nga bwerambikiddwa mu matteeka gensi yonna.

### **Ekitundu 6: Obufumbo**

Amawanga okufuba okulaba ng'abafumbo bombi begazaanyiza mu ddembe lyabwe ng'abafumbo. Kikulu nnyo okuteeka byonna mu nkola okukasa ng; teri muntu yenna afumbirwa oba akuwasa okutuusa nga bombi bamaze okwesalirawo. Bombi bateekwa okuba nga tewali n'omu ku bo aka wansi wa myaka 18. Era nga ekika ky'obufumbo ekisinga kyekyo eky'okuwasa omukyala omu yekka (monogamy) era okufuba okulaba nga enkola ezityoboola eddembe ly'abakyala ng'okuwasa abakyala abangi n'okuzusikiza enkola ezissa ekitiibwa mu ddembe ly'abakyala eryobwebanga.

### **Ekitundu 7 : Okwawukana n'okusazzaamu obufumbo**

Amawanga galina okufuba okulaba nga abakyala n'abaami bombi beyagalira mu ddembe okusalawo okwawukana, okunoba oba okusalizaamu ddala obufumbo.

## **Ekitundu 8: Okufuna Amazima n'Obwenkanya eri Amatteeka**

Abaami n'abakyala bonna benkana wansi w'amatteeka era tewali n'omu agasukkulumyeeko. Kale amawanga okufuba okulaba nga wabaawo obwenkanya wansi w'amatteeka eri abaami n'abakyala mu bitongole eri amatteeka n'ebitongole byonna ebiramuzi.

## **Ekitundu 9: Okwenyigira mu by'obufuzi n'okusalirawo eggwanga ku nsonga ezenjawulo**

Amawanga galina okuteekawo enkola ewa omukisa abakyala okwenyigira mu by'obufuzi by'eggwanga lyabwe mu nkola ey'ebufuzi ebyawamu nga benyigira mu kubaga amatteeka, okulonda n'okulondebwa okukiirira bannaabwe ku bifo ebyenjawulo mu ggwanga awatali kusosolebwa kwa ngeri yonna.

## **Ekitundu 10: Eddembe okubeera n'emirembe**

Abakyala ba ddembe okubeera mu mirembe n'okukolera awamu okusobola okukuuma n'okutumbula emirembe mu ggwanga.

## **Ekitundu 11: Okuuma abakyala abali mu bifi ebirimu entalo n'obutabanguko**

Amawanga galina okuteeka mu nkola egoberera era ekakasa nga bagoberera amatteeka gensi yonna eri abantu abali mu bitundu ebirimu entalo n'obutabanguko, ebikosa embeera z'abantu naddala abakyala.

## **Ekitundu 12: Ebyenjigiriza n'Okutendekebwa**

Amawanga kigakakatako okuteeka mu nkola ennungamu: emalawo engeri yonna esosola abakyala mu byenjigiriza wamu n'okutendekebwa, okufuba okulaga obwenkanya mu bitabo ebikozesebwa, ebigobererwa n'ebikozesebwa mu ku somesa, okukuuma abakyala naddala omwana ow'obuwala eri embeera n'ebikolwa byonna eby'obulabe gyaali, nga obutakabasanyizibwa mu byamukwano mu ma ssomero n'amatendekero

amala agenjawulo n'okufuba okulaba nga ebenyigira mu bikolwa ebyo babonerezebwa.

### **Ekitundu 13: Eddebe ku byenfuna n'obulamu obwabulijjo**

Amawanga kigakakatako okubaga n'okukwasisa amatteeka agayamba okukakasa nga ddala abakyala nabo benyigira butereevu mu by'emirimu n'ebyenfuna bye ggwanga. Okutuukirfiza kino: kirina okukakasibwa nga emirimu gyonna gigabanyizibwa kyenkanyi wakakati w'abaami n'abakyala, n'okuteeka mu nkola eddembe ly'okusasula ekyenkanyi abaami n'abakyala wamu n'ebigenderako;

### **Ekitundu 14: Eddembe ku by'obulamu n'eby'okuzaala**

Amawanga agalina okukakasa nga ddala abakyala beyagalira mu ddembe lyabwe eri eby'obulamu, nga muno mwotwalidde n'eddembe lyabwe okulasawo ku by'okwegatta mu by'omukwano wamu n'okuzaala: nga muno mulimu: eddembe okwekuuma okumala gazaala, eddembe okusalawo okuzaala oba nedda, omuwendo gw'abaana ab'okuzaala n'amabanga agokuleka wakati w'abuli mwana azaalibwa, eddembe okusalawo enkola eyentegeka y'ezzadde gyebaagala okukozesa, eddembe okwekuuma n'okukuumibwa eri endwadde ez'ekikaba, nga mwotwalidde n'akawuka akaleeta obulwadde bwa siriimu;

### **Ekitundu 15: Eddembe ku by'emmere**

Amawanga kigakakatako okulaba nga abakyala bafuna emmere ebamala ate nga erimu ekiriisa kye betaaga. Era mu kukola kino balina okubagawo enkola okulaba nga: abakyala bafuna amazzi amayonjo ag'okunywa, amafuta agakozesebwa awaka, ettaka, n'engeri yonna endala mwebasobolera okwetusaako emmere ey'ekiriisa gyebali, n'okubaga wo enkola okukakasa nga basobola okwetusaako emmere ebamala n'okuterekako ey'okukozesa mu biseera eby'omumaaso.

### **Ekitundu 16: Eddembe okuba n'aw'okusula awalungi**

Abakyala nabo ba ddembe okuba naw'okusula awalungi mu kifo ekigwaana okusulwamu. Okukakasa kino, amawanga galina okuwa

abakyala eddembe ly'okuba n'obwa nnannyini ku mayumba oba ebizimbe si nsonga oba nga bafumbo oba si mbafumbo.

### **Ekitundu 17: Eddembe okweyagalira mu buwangwa bwabwe**

Abakyala ba ddembe okweyagala n'okwenyumiririza mu buwangwa bwabwe n'okwenyira mu kusalawo ku nsonga ezenjawulo okuddukanyizibwa oby'obuwanga bwabwe.

### **Ekitundu 18: Eddembe ku by'obulamu n'embeera y'obutonde ennungi**

1. Abakyala ba ddembe okubeera mu bulamu n'embeera y'obutonde ennungi
2. Amawanga galina okutwala obuvunayizibwa okulaba nga: abakyala bawebwa ekyanya okwenyigira mu kuteekateeka n'okukuumamu obutonde  
Okukozesa eby'obutonde ku mitendera egyenjawulo, okutumbula okunoonyereza mu tekinologiya n'ensibuko y'amanyi amalala ag'ebika ebyenjawulo, abakyala okwenyigira mu kukozesa ebyuma bi kali magezi n'engeri y'okubifugamu.

### **Ekitundu 19 Eddembe okugenda mu maaso n'okwekulakulanya**

Abakyala ba ddembe okwegazanyiza mu ddembe lyabwe eri ebyenkulakulana buliijo. Era okutuukiriza kino, ng'eggwanga kikulu okuteekawo enkola ewa abakyala n'abaami enkizo okwenyigira kyenkanyi mu byenkulakulana by'eggwanga.

### **Ekitundu 20: Eddembe lya ba Nnamwandu**

Eggwanga lirina okubagawo enkola ekakasa nga bannamwandu beyagalira mu ddembe lyabwe ery'obwebange okuyita mu bino, nga ba nnamwandu tebatulugunyizibwa, okunafuyizibwa oba okukolwaako ebikolwa ebitali bya buntu, ba nnamwandu bebalina okwekuliza

abaana baabwe oluvanyuma lw'okufiirwa ba baabwe, nnamwandu wa ddembe okuddamu okufumbirwa, era okufumbirwa omuntu ye kenyini gweyesiimidde.

### **Ekitundu 21: Eddembe ku by'obusika**

Nnamwandu wa ddembe okufuna omugabo ku by'obusika eri eby'obugagga bya bba. Wa ddembe okusigala nga babeera mu maka oba ennyumba mwe babadde nebba awatali amukuba ku mukono. Bwasalawo kuddamu kufumbirwa, olwo enyuma eno okugisigalamu eteekwa kubanga yali yiye ku bubwe oba nga yasikira nsikire. Abakyala n'abaami eddembe balyenkaya okusikira eby'obugagga bya bakadde baabwe.

### **Ekitundu 22: Eddembe eryenjawulo eri Abakyala abakadde**

Amawanga galina okukola kyonna ekisoboka okufuba okulaba nga abakyala abakaddiye mu myala balabirirwa era nga mu by'obulamu, ebyenfuna, ne mu byetaago ebirala eby'obulamu obwalijjo, okuweebwa emirimu n'okubangulwa okutaasa abakyala bano abakuze mu myaka engeri yonna ey'okutulugunyizibwa, mu by'omukwano, okusosolwa olw'emyaaka gyabwe, n'okuweebwa ekitiibwa ekibagwanira.

### **Ekitundu 23: Okukuuma abakyala abaliko obulemo ku kibiri gyabwe**

Nga eggwanga kyansonga: okukakasa nga ddala abakyala abalina obulemo ku mibiri gyabwe bayambibwa mu by'enfuna n'obulamu obwabulijjo nga baweabwa emirimu n'okubangulwa mu mirimu gyemikono

Nga benyigira mu kusalawo ku nsonga ezenjawulo, okufuba okulaba nga abakyala abalina obulemo ku mibiri gyabwe ate tebatulugunyizibwa, ng'okukabasanyizibwa mu by'omukwano, okusosolwa olwekikula kyabwe oba olwobulemo bwe balina ku mibiri gyaabwe wabula okuweebwa ekitiibwa ekigwanidde buli omu.

## **Ekitundu 24: Obukuumi obwenjawulo eri abakyala abali mu buzibu**

Eggwanga kirikakatako: okukakasa nga abakyala abanaku ate abalina amaka gebavunanyizibwako okulabirira nga mwotwalidde n'abakyala abanyomebwa mu bantu okubateerawo embeera mwebasobolera okwegazanyiza okuyambibwa okweyimirizaawo, mu by'enfuna n'ebyetaago ebirala mu bulamu obwa bulijjo.

Okukakasa nga ebyetaago eri abakyala abembuto, abajanjabibwa oba abakyala abali mu kkomera babifuna n'okusobola okulaba nga bayambibwa okuvunuuka embeera eyo n'okuyisibwa ng'abantu abobuvunanyizibwa.

## **Ekitundu 25: Eky'okukola**

Nga eggwanga kirikakatako okubagawo enkola eyamba abakyala bonna abatasobola kweyagalira na kwegazanyiza mu ddembe lyabwe era okukakasa nga abakwatibwaako ku nsonga eno nga abo ababaga amatteeka n'ekitongole ekiramuzi baduukirira wamu n'okuyamba abakyala bonna abali mu mbeera nga eyo.

Binokoddwa mu 2nd Ordinary Session  
Eya Assembly of the Union  
Maputo, 11 July 2003







**UKaid**  
from the Department for  
International Development



Ministry of Gender Labour and Social Development



**Published by:**

Uganda Women's Network

Plot 198 Old Kiira Road Ntinda-Kampala, Uganda

Phone: +256 414 286 539

Email: [info@uwonet.or.ug](mailto:info@uwonet.or.ug)

Website: <http://www.uwonet.or.ug>

Facebook: <http://www.facebook.com/uwonet>

Twitter: @uwonet